HADIISI 40

EZ'ABAANA N'EMBOOZI EZIGENDERAKO

Pulofeesa Dr. M. Yasar KANDEMIR



ERKAM PUBLISHING

بسم الله الرحمن الرحيم

Istanbul 2011

HADIISI 40

EZ'ABAANA N'EMBOOZI EZIGENDERAKO

Kyawandiikibwa
Pulofeesa Dr. M. Yasar KANDEMIR

Ne kivvuunulwa
Quality Information Center

Kyafulumizibwa



ERKAM PUBLISHING

Erkam Publications
İkitelli Organize Sanayi Bölgesi
Turgut Özal Caddesi No: 117 Kat: 2/C
Başakşehir, İstanbul, Turkey
Tel :(+90 212) 671 07 00
Fax :(+90 212) 671 07 17
E-mail: info@worldpublishings.com
Web site: www.islamicpublishing.net

ISBN : 978-9944-83-327-1

Omuwandiisi : Pulofeesa Dr. M. Yasar KANDEMIR
Omuvvuunuzi : Quality Information Center
Kyekenneenyezeddwa : Ishaq Kakomo
AbdulHayyi Abudnoor Mukiibi
Idris Aıyd
Adam Zakaria Mbaziira
Isımeal wandeba
Hasan Mutagubya
Hamid Katerega
Kyakubibwa mu kyapa Erkam Publishing

Ebiri munda

EBY'OMUWANDIISI

Abaana bange abaagalwa! Mukama Katonda Oweekitiibwa abaddu be bonna abaagaliza kubeera mu ssanyu, era eyo y'ensonga lwaki yatutumira Bannabbi batusomese engeri gye tuyinza okuwangaalira mu ssanyu. Bannabbi be basomesa era balunngamya b'abantu bonna. Batusomesa ebiragiro bya Allah Oweekitiibwa era ne batusomesa engeri gye tuteekwa okuwangaalamu mu nsi muno. Kino kibadde bwe kityo okuviira ddala ku Nnabbi Adamu eyasooka okutuukira ddala ku Nnabbi owenkomerero Muhammadi (Emirembe gibeere ku bo bonna).

Nga bw'okimanyi, ebigambo bya Nnabbi waffe babiyita hadiisi. Omwagalwa waffe Muhammad (Emirembe gibeere ku ye), oyo eyatuleetera Kulaane oba ebiragiro bya Muakama Katonda, yatunnyonnyola ebigambo ebyo ebitukuvu ng'ayita mu hadiisi. Yatusomesa ebintu bye tuteekwa okukola, ng'ayita mu bigambo bye, tusobole okubeera abasanyufu muno mu nsi ne ku Lunaku lwenkomerero.

Bwe tuba twagala okutegeera amateeka ga Katonda Oweekitiibwa tuteekeddwa bulijjo okusoma hadiisi za Nnabbi waffe. Mu ngeri y'emu bwe tuba twagala okuyiga eddiini yaffe mu ngeri ematiza era tuteekeddwa okusoma hadiisi ezo. Emirembe mingi okuviira ddala emabega, abayivu Abasiraamu bangi baddira ebigambo Nnabbi waffe bye yayogera ne babissa mu butu bwa hadiisi makumi ana kino kisobozese okwanguyirwa okubisoma n'okubiyiga amangu.

Nange ekitabo kino kye mbawandiikidde ekya "amakumu ana" njagadde kibeere ekkunngaanyizo lya hadiisi amakumi ana (40) ez'omwagala waffe Nnabbi Muhammadi. Mmanyi nti mwagala nnyo n'okusoma enfumo, kye nvudde nsalawo ebigambo bya Nnabbi okubireeta nga byetooloolera ku nfumo. Abaana bange abaagalwa, nsuubira nti mujja kunyumirwa okusoma ekitabo kino era nti bwe munaaba mukyagadde munansabira?

M. Yasar Kandemir

EBINYONYI

Lwali lumu omuyizzi n'atega ekitimba kye ku mbalama z'ennyanja. Ebinyonyi bingi byasendebwasendebwa empeke ezaali mu kitimba ne byesanga nga bigudde mu mutego gw'omuyizzi. Omuyizzi bwe yajja okutegulula omutego gwe, ebinyonyi byabuuka ne bigenda n'ekitimba.

Ekyewuunyisa omuyizzi y'engeri ebinyonyi gye byegattamu era ne bikolaganira wamu ne bibuukira wamu ne bigenda n'ekitimba kye. Yasalawo abiwondere alabe gye byali bigenda okuggweera.

Omuyizzi yasanga omusajja mu kkubo, eyamubuuza gye yali adduka alaga.

Nga bw'asonga ku binyonyi mu bbanga, omuyizzi yategeeza omusajja nga bwe yali awondera ebinyonyi era nga yali ayagala kubikwata.

Omusajja yaseka nnyo n'agamba nti:

"Katonda akuwe amagezi agategeera! Ddala olowooza nti oyinza okukwata ebinyonyi ebibuuka mu bbanga?"

Omuyizzi kwe kumuddamu nti:

"Singa ekinyonyi kibadde kimu nga kye kiri mu kitimba sandyetawaanyizza kuwondera. Naye lindako katono olabe nja kubikwata."



Omuyizzi yali mutuufu kubanga obudde bwe bwaziba buli kinyonyi kyatandika okusika ekitimba nga kyagala okudda ewali ekisu kyakyo. Ebinyonyi ebimu byasikanga bitwala mu miti, ebirala nga bisika byagala kugenda awali ennyanja. Ebimu byayagala kubuuka kugenda mu nsozi so nga ebirala byagala kugenda mu nsiko. Gye byaggweera nga tewali na kimu kisobodde kutwala kitimba gye kyali kyagala era ku nkomerero byonna byalemererwa ne bigwa n'ekitimba ku ttaka. Omuyizzi yatuuka byonna n'abikwata.

Bambi! Singa ebinyonyi bino byali bimanyi ebigambo bya Nnabbi waffe bino wammanga byandibadde byonna bibuukira wamu ne bikwata oludda lumu, era tebyandigudde mu mikono gya muyizzi. Nnabbi yagamba bw'atyi:

"Mwenyweze ku mugendo, kubanga omusege gulya ndiga eyo eyawukanye ku ndiga endala". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Nasaa-i).

فَعَلَيْكُمْ بِالْجَمَاعَةِ فَإِنَّمَا يَأْكُلُ الذِّئْبُ الْقَاصِيَةَ

(رواه النسائي)

ERIGGWA

Mu nsi emu waaliwo ekibonerezo ekyamaanyi ate nga kya bukambwe kye baali bawa abazzi b'emisango. Abantu bano baabagabulanga empologoma enkambwe ate nga bamaze kuzirumya njala ne zibabwebwena. Omuzannyo guno gwakunngaanyanga abantu bangi okuva mu buli kanyomero nga bazze okwerabira ku ngeri empologoma gy'ebwebwenamu omuntu.

Ku lunaku olwo omuzzi w'emisango yali muddu omu era ng'omusango gwe yali avunaanibwa kwali kutoloka kuva wa mukama we. Omuddu ono yali alekeddwa mu kibangirizi ekyali kyetooloddwa ebisenge ebiwanvu ddala. Nga bulijjo, baayimbula empologoma gye baali bamaze okulumya ennyo enjala. Mu kusooka empologoma yalabika nga yali yeetegese bulungi okulumba n'okukavvula omusajja ono. Naye ekyajja abantu enviiri ku mutwe empologoma bwe yatuuka ku musajja mu kifo ky'okumutaagula emulye, yatandika kumukomba mu bibatu bya ngalo.

Abalabi b'omuzannyo kino kyabayitirirako. Baabuuza omuddu ono ensonga lwaki empologoma yagaana okumulya kwe kubaddamu bw'atyi: "Lumu nnasanga empologoma eno mu kibira ng'eriggwa ligifumise mu kigere era ng'eri mu bulumi obwekitalo. Nagikuulamu eriggwa era okuva olwo twafuukira ddala ba mukwano".

Abantu emboozi eno yabakwata omubabiro era n'ebeewuunyisa nnyo. Kye baakola kwe kuta omuddu

n'empologoma. Ekyayongera okubeewuunyisa ennyo kwe kulaba ng'empologoma yagenda ewerekera omuddu ng'eringa embwa y'awaka. Nnabbi waffe yayogera ebigambo bino ebyekyewuunyo:

"Abasaasizi Katonda Omusaasizi nabo abasaasira. Musaasire abali mu nsi Oyo ali mu ggulu ajja kubasaasira". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

الرَّاحِمُونَ يَرْحَمُهُمُ الرَّحْمٰنُ، ارْحَمُوا مَنْ فِي

الأَرْضِ يَرْحَمْكُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ

(رواه الترمذي)



EKKOOTI

Ahmada omulunzi w'endiga yali awangaala nga munakuwavu nnyo. Emyaka egya kazigizigi egy'entalo gyamumalako kumpi buli kintu kye yalina nga muno mw'otwalidde omukyala ne mutabani we. Omulimu gwe yali akola mu kibuga nagwo gwa-muggwaako n'asalawo okudda mu kyalo olwo n'atandika okukola ogw'obulunzi.

Lumu yali alunda endiga okumpi n'ekkubo n'alaba akabinja k'abantu nga batwala omuvubuka mu ddwaaliro mu kibuga. Kyali kyeraga bwerazi nti omuvubuka ono yali mwavu nnyo n'okusinga Ahmada. Omulwadde yali akankana ng'ali mu kakooti ke akatono. Ahmada omulunzi w'endiga yaggyamu ekkooti ye emu bw'etyi gye yalina mu bulamu era nga yali amaze nayo emyaka egiwera n'agyam-baza omulwadde gwe baali batwala mu ddwaaliro.

Omulwadde bwe yali akyalindirira okukeberebwa yeewunya nnyo okuwuliriza omuntu eyamuyita nti "taata". Yasitula amaaso n'amutunuulira naye nga tamumanyi kyo-kka n'eyali ayise "taata" yeewuunya okulaba nga gw'ayise taata we nga tamumanyi.

Omulenzi yeetondera omulwadde nga bw'amugamba nti:

"Nkusaba onsonyiwe. Ekkooti yo enfaananidde eya taata wange gwe mmaze emyaka egiwera nga ssimulaba. Ndowoozezza nti ye ggwe taata wange".



Omulwadde yabuuza omuvubuka ebikwata ku taata we. Ng'ayogeredde akaseera katono, omulwadde yategeera nti ono ye mwana wa Ahmada omulunzi eyali abuze. Yabuulira omuvubuka nti yali takoze nsobi era nti ekkooti eyo ye yali eya taata we. Omulwadde bwe yamala okufuna obujjanjabi yaddayo mu kyalo ne mutabani wa Ahmada omulunzi w'endiga.

Nnabbi waffe omwagalwa yatugamba ebigambo bino ebituufu nti:

"Ekirungi ekimu bakisasulamu ebirungi kkumi ebikyenkana". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

إِنَّ الْحَسَنَةَ بِعَشْرِ أَمْثَالِهَا

(رواه البخاري)

ENDABIRWAMU

Olunaku lumu omukungu yali atambulako mu katale ng'ali n'abaami be abaalina ebitiibwa eby'amaanyi. Yatuuka mu katale mwe baali batundira abaddu. Basajja battu bano abaddu bambi baali baggiddwaako eddembe lyabwe era nga babatunda omu ku omo.

Omukungu yasemberera abaddu ng'ayagala kubeetegereza. Awo omuddu omukadde omu we yamugambira nti:

"Ssebo ku kitambaala kyo kuliko ebbala".

Omukungu yaggyako ekitambaala ku mutwe n'akikebera era yagenda okulaba ng'omuddu mutuufu, ekitambaala kiriko ebbala. Ekitegeeza nti yali yeetooloola akatale alambula okumalira ddala essaawa eziwera naye ng'alina ekitambaala ekiriko ebbala era nga buli muntu akiraba. Ekyo mu butuufu kyali kiswaza! Oluvannyuma yatunuulira abaami be yali atambula nabo mu nnaku n'alyoka abagugumbula nti:

"Mwalabye ebbala ku kitambaala kyange naye ne mwefuula ba muzibe ne mutabaako kye munngamba. Kati ntegedde nti mukwano gwange owaddala ye muddu ono omunaku. Siyinza mukwano gwange owaddala kumuleka bamutunde ng'omuddu! Musasule mangu mumununule era mumute agende alye butaala."

Nga wayise akaseera, omukungu yaweereza abaami be hadiisi ya Nnabbi ng'ewangiddwa bulungi ng'ayagala



babeere nga lubeerera bajjukira ekintu kino ekyagwawo. Hadiisi yali egamba nti:

"Omukkiriza ndabirwamu ya Mukkiriza munne." (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Abu Dawuda).

الْمُؤْمِنُ مِرْآةُ الْمُؤْمِنِ

(رواه أبو داوود)

KALITTIMA

Bwali budde bwa mukalwe nga bulungi ddala ng'abaana bazannyira ku mabbali g'omugga ogumu. Mu baana abo mwalimu omu eyayitibwanga Gaffar, naye nga banne bonna baali baamukazaako linnya lya Kalittima. Erinnya lino yalifuna olw'engeri ey'obukambwe gye yayisangamu ebisolo. Gaffar yalabika nga bino bye baali bazannya yali abikooye ng'ayagala bafuneyo omuzannyo omulala ogusanyusa. Abamu baagezako okuleeta emizannyo emirala naye nga tegimusanyusa.

Gaffar yayita mikwano gye egimu bwe baali bafaananya endowooza ne badda ku mabbali. Nga waakayitawo akaseera katono baategeeza nga bwe baali bafunye akazannyo akanyuma.

Bannaabwe abalala beewuunya ekika ky'omuzannyo omupya gwe baali baleese.


Gaffar ne banne baasooberera omuvubuka eyayitibwanga Ali, eyali omupya mu kabuga ate nga yali tamanyi kuwuga. Baamukwata emikono n'amagulu ne bamusitula ne bamukasuka mu mugga!

Ali yakubwa entiisa ey'amaanyi. Musajja wattu yagezaako nga bw'asobola okuwuga, naye olw'obutamanya kuwuga buli lwe yagezangako okuwuga ng'ate yeeyongera kubbira. Yatandika okuleekaana nga bw'alaajana abantu bamuyambe. Kino kyawa Gaffar ne mikwano gye essanyu ne basaakaanya nga bwe basekera waggulu.

Omu ku balenzi bali abalala ayitibwa Ismail yaggyamu mangu engoye. Ismail yali muvumu era nga ye ye yekka eyali asobola okwennganga Gaffar. Olwalaba kye baali bakoze Ali yayanguwa mangu okwennganga abatemu. Mu kaseera katono nnyo yali amaze okuggya Ali mu mazzi ng'amuleese ku lubalama lw'omugga ng'akyali mulamu bulungi.

Abaana abalala bonna baasiima nnyo ekikolwa kya Ismail era n'omusajja omutambuze eyali alabye ebigenda mu maaso yakwata Ismail ku bibegabega n'amugamba nti:

"Owange muvubuka omwagalwa, okoledde ddala nga Nnabbi waffe omwagalwa bwe yalagira. Nsaba Allah amu-



saasire naawe akusaasire. Nnabbi waffe yagamba mu emu ku hadiisi ze nti:

“Omusiraamu muganda wa Musiraamu munne. Tamulyazaamaanya era tamuwaayo”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

الْمُسْلِمُ أَخُو الْمُسْلِمِ لاَ يَظْلِمُهُ ولاَ يُسْلِمُهُ

(رواه البخاري)

OMUZIMU

Lwali lumu, omusuubuzi yali akomawo ewuwe mu matumbibudde ne yeekanga okulaba omusajja omukadde omuddugavu ate nga yali alabika nga mwavu lunkupe. Omusajja ono yali ateekateeka kusula kumpi n'ekisenge. Waali tewali ayinza kumusuza nga buli muntu atya nti yali agenda kutiisa abaana be olw'engeri gye yali afaananamu. Naye omusuubuzi ono yasalawo okumuyamba. Yamutwala eka n'amuwa ssupu ayokya era n'amuwa engoye n'ekisenge omwokusula.

Mu makkati g'ekiro eyo, omugenyi gwe baasuza nga yali yeebasse okumpi n'eddirisa yawawamuka mu tulo ng'aleekaana nnyo. Yali alabye ababbi babiri abaali bagezaako okumenya eddirisa bayingire.

Omusajja yasitula emikono n'akuba enduulu, nga bw'abuuza ababbi:

"Mukola ki awo?"

Nga balabye omusajja omuddugavu ng'ali mu paajama enjeru, ababbi baaleekaanira waggulu: "Maama! Omuzimu", ne babuuka okuva mu ddirisa. Omu ku bo yamenyeka okugulu ate omulala n'afuna ekiwundu ku mutwe. Omusuubuzi n'ab'omu maka abaali beebasse amaloboozi gaabazukusa ne bakwata ababbi.

Nnabbi waffe yatujjukiza mu bigambo ebyekyewuunyo nti:



“Allah abeera ayamba omuddu ebbanga omuddu ly’abeera ng’ayamba muganda we”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim)

وَاللّٰهُ فِي عَوْنِ العَبْدِ مَا كَانَ العَبْدُ في عَونِ أَخِيهِ

(رواه مسلم)

MULIRAANWA MU JJANA

Lumu Sultan yali atambulako nga yeetooloola mu kibuga. Yali yeebuzaabuzizza ng'akyusizza engoye waleme kubaawo amutegeera. Yali atambula n'omu ku baddu be. Ekigendererwa kye kyali kumanya abantu be be yali afuga kye baali bamulowoozaako n'engeri gye baali balabamu enfuga ye.



Ebiseera byali bya butiti. Yayingira mu muzikiti ogumu omutonotono gye yasanga abasajja ababiri abaali beezingidde mu nsonda y'omuzikiti nga bombi bakankana empewo ebayiseemu. Baali tebalina walala wa kulaga. Sultan yabasemberera era n'ababuuza kye baali bakola awo ne kye baali boogerako?

Omu ku bo eyalina effujjo yeemulugunya ku mbeera y'obutiti embi, era n'agamba nti: "Bwe nnaamala okufa ne tugenda mu ggulu (Ejjana) sigenda kukkiriza Sultan waffe kuyingira Jjana. Bwe nnaamulaba ng'asemberera geeti z'ejjana nja kwambulamu engatto zange nzimukube ku mutwe." Omusajja omulala yabuuza ng'ayagala kumanya nti:

"Lwaki oliba oyagala okugobera Sultan waffe ebweru w'Ejjana?"

"Ekyo naawe okiraba kiri mu giraasi. Ffe tuli wano tufa empewo naye ye ali eri mu lubiri lwe ali mu bbugumu atudde ntende; tamanyi kye tuliko, tamanyi na bwe tusula. Ow'ekika ekyo ayinza atya okubeera muliraanwa wange mu Jjana? Sseetaaga muliraanwa afaanana bw'atyo." Awo bombi ne batulika ne baseka.

Sultan wano we yagambira omuddu we nti:

"Teweerabira omuzikiti guno era teweerabira abasajja bano bombi."

Bwe badda mu lubiri, Sultan yatumya abasajja bali ababiri be yali asanze mu muzikiti. Abasajja baabaleeta mu lubiri. Kyababuukako okulaba kye baasanga mu lubiri. Bwe baamala okulinda nga bali mu kutya okungi baabatwala mu kisenge ekirimu eby'ebbeeyi n'ebyokwegyalabya ebya buli kika ne babagamba nti:

"Mulye, munywe era mwebake wano era musabire Sultan waffe era mukkirize nti temujja kumugaana kubeera muliraanwa wammwe mu Jjana!"

Laba omutima gw'omusajja Sultan ogw'ekisa. Si ky'ekyo?"

Nnabbi waffe (Allah amusaasire amuwe n’emirembe) yatenda abantu abayamba abanaku mu hadiisi eno wammanga nti:

“Oyo ayamba Omukkiriza ali mu kizibu ekimu ku bizibu by’ensi eno n’akimuggyamu, Katonda ajja kumuyamba amuggyeko ekizibu kimu ku bizibu by’oku Lunaku lwenkomererero”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

مَنْ نَفَّسَ عَنْ مُؤْمِنٍ كُرْبَةً مِنْ كُرَبِ الدُّنْيَا نَفَّسَ اللّٰهُ
عَنْهُ كُرْبَةً مِنْ كُرَبِ يَوْمِ الْقِيَامَة

(رواه مسلم)

EDDAGALA LY'AMANNYO

Lumu omuntu omugenyi mu kitundu eyali ayambadde obulungi n'atonya yayingira mu kirabo ky'emmere mu kabuga akamu. Yasaba omuwereza mu kirabo amuleetere ennyama y'ente enjokye obulungi ne saladi.

Yali yaakamala okumala bw'atyi okulya ekifi ekisooka kwe kukaaba ng'erinnyo bwe lyali limutta, "Ahhhh! Erinnyo era linzizeemu!" Omugenyi omulala yasembera kumpi ng'akutte ensawo ennene mu mukono. Yaggyamu akacupa akatono n'atonnyeza amatondo ku ka pamba n'akawa eyali alumwa erinnyo, nga bw'amugamba nti:

"Yisa ekiwero kino ku linnyo erikuluma".

Omulwadde yateeka eddagala ku linnyo erimuluma. Waayita akaseera n'aleekaanira waggulu nti:

"Kino kyewuunyisa! Sikyawulira bulumi bwonna!"

Abaaliwo beetooloola omusajja ow'ensawo ennene nga buli omu ayaayaana kumugulako ddagala eryekyewuunyo. Waayita akaseera katono ng'eccupa zonna ezaali mu nsawo azitunze azimazeewo.

Nga wayise essaawa ng'emu abasajja bombi omulwadde w'erinnyo n'ow'ensawo ennene baddamu okusisinkana ku ggaali y'omukka ne bayitaayita mu ngeri gye baali batambuzzaamu bizinesi yaabwe n'amagoba ge baali

bakoze mu kabuga ako era ne beekulisa. Baatuula okulinda eggaali y'omukka endala.

Baba bakyali awo abaserikale ba poolisi babiri ne bajja ne babakwata.

Omu ku bantu bali abaali baguze eddagala ejjingirire eddagala bwe lyagaana okukkakkanya ku bulumi bw'erinnyo eryali limuluma yagenda butereevu ku poliisi n'abaloopa.

Omukulu wa poliisi yatumya abasajja bano mu wofiisi ye n'ababuuza bw'atyi:

"Musoma ddiini ki? Muli Basiraamu?"

Nga bakyakotese emitwe baamuddamu nti, "Katonda yeebazibwe, tuli Basiraamu".

Kino ate kyayongera omukulu wa poliisi obusungu, era kwe kubabuuza nti:

"Temuwuliranga ku hadiisi ya Nnabbi waffe egamba nti:

"Oyo atubbira mu lukujjukujju si wa muffe". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

مَنْ غَشَّنَا فَلَيْسَ مِنَّا

(رواه مسلم)

ENSAWO OMUTEREKEBWA SSENTE

Olunaku lumu omusuubuzi omu gwe baakuza obubi yasuula ensawo ye omwali zaabu eyali awerera ddala ebinusu lunaana (800) lulamba. Yagezaako okunoonya wonna we yali asuubira okuba nga asuddewo ensawo nga buteerere. Yabuuza buli muntu gwe yalaba naye nga tewali yali alabye ku nsawo. Yafuna omulanzi n'amuwa ssente alange nga bwe yali ataddewo ekirabo kya zaabu awerere ddala ebinusu 100 eri omuntu eyandizudde ensawo eyo.

Omusajja eyali amanyiddwa nga Veli Omutunzi w'engatto ye yali yalonda ensawo eno. Ono yali yayatiikirira n'ekitone ky'okubeera omuntu omwesimbu. Bwe yalonda ensawo yasalawo okugitereka okutuusa lwe yandirabye nnyiniyo. Bwe yawulira omuntu alanga ensawo mu kabuga kwe kugenda ew'omusuubuzi n'amuddiza ensawo ye.

Omusuubuzi gwe baddiza ensawo yali wa mpisa mbi, omukuusa, omukodo ate nga mu kulimba akwatayo ekifo. Muli yasanyuka olw'ensawo ye okuzuuka naye kino yakikweka n'atakiraga Veli.

Yasumulula ensawo ye n'atandika okubala ennusu za zaabu ezaalimu zonna. Bwe yamala kwe kugamba omulonzi nti:



“Eeeh! Ekitegeeza nti omaze okuggyako ssente ze nabadde nsuubizza okuwa omulonzi ng’ekirabo”.

Ekintu kino kyazitowerera nnyo Veli kwe kukwata omusuubuzi n’amusiba amataayi ng’eno bw’amunyeenya. Yamugamba bw’atyi:

“Ompita otya omubbi! Kituufu ndi mwavu, naye siri mubbi oba mukuluppya. Bw’oba toyagala kumpa ssente zo ze walagaanyisa omulonzi oyinza okuzireka naye toyinza kumpita mubbi eyatutte ssente zo”.

Ebigambo bino omusuubuzi tebyamutengula era teyee-tondera mulonzi. Bwe yagaana okumenyawo ebigambo bye yali ayogedde ensonga baasalawo okuzongerayo mu

mateeka. Omulamuzi olwamala okuwuliriza obulungi buli ludda yakimanya nti omusubuuzi yali musajja mulimba era yasalawo okumuwa ekibonerezo ekimugyamu kwe kugamba bw'atyi:

"Omusuubuzi agamba nti ennusu za zaabu ekikumi baazijja mu nsawo ye, so ng'ate omukozi w'engatto agamba nti teyakwala ku ssente yonna okuva mu nsawo eyo. Nzikiriza buli omu ku mmwe ky'agamba. Ndowooza ensawo omutunzi w'engatto gye yalonze si ye y'omusuubuzi, kirabika nsawo ya muntu mulala. Kati ensawo eno ejja kusigala wano ngitereke bulungi okutuusa nnyini yo omutuufu lw'alizuuka".

Ate oluvannyuma omusuubuzi yatandika okwejjusa ebikolwa bye ebibi naye ng'obudde buyise tekikyagasa. Kino kitujjukiza emu ku hadiisi za Nnabbi egamba nti:

"Omuntu ateebaza banne tasobola kwebaza Katonda." (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

مَنْ لاَ يَشْكُرُ النَّاسَ لاَ يَشْكُرُ اللهَ


(رواه الترمذي)

OBUTWA

Huseyini yali ava mu kibuga ng'addayo ewaabwe mu kyalo. Yalina essanyu lya mw'okyi wa gonja kubanga ebyamaguzi byonna bye yali atutte okutunda mu katale yali abimazeewo. Yasalawo okuwummulako awaali ensulo z'amazzi. Yalowooza bw'atyi:

"Ka ndeke endogoyi yange erye ku muddo nange nneebakemu katono".

Naye nga taneebakira ddala yajjukira ssente ze ezaali mu nsawo ya ssente, era n'alowooza nti yalina okuzitereka awantu awalungi. Yasumulula ensawo n'atunula ku ssente ze nga zonna mweziri ziri bulungi nga bwe yali azitaddemu. Yazissa mu nda mu ssaati gye yali ayambadde ne yeebaka.



Eky'omukisa omubi, Huseyini yakolanga bino byonna nga waliwo omubbi ali mu

muti eyali alaba buli ekyali kigenda mu maaso. Omubbi ono yali wa mutawaana nnyo mu kitndu era ng'obulamu bwe bwonna yali abumalidde mu kutigomya bantu na kubatwalako byabwe. Yayiika endusu ng'alabye ku nsawo ya Huseyini eya ssente.

Omubbi yalaba Huseyini yeebase n'akka mpolampola wansi n'ajjayo oluseke n'omukebe ogwalimu obutwa. Yaddira obumu ku butwa n'abusaasaanya ku luseke.

Yasembera mpolampola n'atuuka ku Huseyini eyali afuluuta. Yali ayagala kumutta atwale ssente ze ng'ayita mu kumufuuyira obutwa bwe yali atadde ku luseke mu kamwa. Omubbi yali agenda bw'atyi okufuuwa obutwa Huseyini kwe kwasimula.

Omubbi yeekanga era mu butanwa obutwa ne bumugenda mu kamwa n'abumira era n'afiirawo.

Nabbi waffe yagamba nti: "Omuntu agezaako okulumya banne Allah amulumya". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

مَنْ ضَارَّ ضَارَّ اللّٰهُ بِهِ

(رواه الترمذي)

OMUSIPI

Nihat yali mwana mubi nnyo. Yalinga alumya baganda be, ng'abatanulako entalo era nga abakolako n'obukambwe. Empisa ze zaanyiizanga nnyo maama we eyagezangako bulijjo okumuwa amagezi bw'atyi: "Mwana wange! Abantu tobalumyanga mu ngeri yonna. Abantu tobakozesangako lulimi lukambwe".

Kyokka Nihat teyakkirizanga nsobi ze. Buli lwe baamugambangako nga yeddiramu nti: "Eyo nsobi y'abo si yange. Sirina kibi kye nkoze. Abo be bankyokooza ne bankaka okukola bwentyo".

Lumu maama wa Nihat yamugamba nti singa yali amaze olunaku lulamba nga tayombye na muntu yali waakumugulira omusipi gwe yali alabye ku maduuka. Mu butuufu Nihat yali ayagala nnyo okumugulira omusipi ogwo.

Baganda ba Nihat baawulira maama waabwe bye yagamba Nihat. Baagezaako nnyo okumuyiikiriza n'okumuggulako olutalo, naye ne balemwa okukwasa Nihat obusungu. Nihat yali yasazeewo okwefuga.

Nga buzibye, maama we yamuyita n'amugamba nti:


"Kati ndabye ng'osobola okwefuga olw'omusipi. Kino wandikikoze ku lwa Katonda kubanga ekyo kye yalagira, n'otakikola lwa bintu bya kufuna kwa ku nsi".

Singa waliwo eyabuulira Nihat hadiisi eno wammanga:

“Omuntu alekayo okukola olutalo ku muntu naye nga ye gwe bayiikirizza, ajja kuzimbirwa olubiri mu Jjana wakati”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

مَنْ تَرَكَ الْمِرَاءَ وَهُوَ مُحِقٌّ بُنِيَ لَهُ فِي وَسَطِ الْجَنَّةِ

(رواه الترمذي)



OBUSUNGU

Halit yali mwana wa maanyi ng'asobola n'okusitula akameeza ng'akozesezza omukono gumu n'akawanika waggulu mu bbanga.

Yali mumegganyi nantawunyikamu nga tewali ayinza kumumegga mu ssomero lyonna. Ebiseera ebisinga obungi yamegganaanga ne mukwano gwe eyayitibwanga Nurettin.

Lumu Nurettin ne Halit baddamu ne bakwatagana ekigwo mu lujja lw'essomero era Halit n'amegga munne. Kino kyanyiiza nnyo Nurettin eyagenda mu kibiina n'awandiikawandiika mu bitabo bya Halit byonna.



Kino kyanyiiza nnyo Halit. Kwe kubuukira Nurettin n'amufuntula agakonde ennyindo ye n'etulika omusaayi.

Omusaayi omungi ogwava mu nnyindo za Nurettin gwatonnya ku ssaati ye era ne gusaasaana mu kibiina wonna ku ttaka.

Abayizi banne ba Halit kye baalaba tekyabasanyusa. Era n'omusomesa wa Halit yamugugumbula n'amugamba ne hadiisi eno wammanga nti:

"Okubeera ow'omutawaana tekibeerawo na kumeggana. Omuntu owaamaanyi y'oyo afuga obusungu bwe mu kissera w'awulirira ng'obusungu bumuyuza". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

لَيْسَ الشَّدِيدُ بِالصُّرَعَةِ إِنَّمَا الشَّدِيدُ الَّذِي

يَمْلِكُ نَفْسَهُ عِنْدَ الْغَضَبِ

(رواه البخاري)

EMPAKA Z'OKUDDUKA

Husnu yali mwana mulungi. Naye eky'omukisa omubi yali yagwa ku kabenje k'ekidduka n'aziba amaaso. Kyokka teyaggwaamu maanyi era nga yali mwetegefu okweddukanyiza obulamu bwe. Buli lunaku yayagalanga okulaga nti yali asobola okuwangaala n'okutetenkanya obulamu bwe nga takaluubirizza muntu yenna. Emirundi mingi yeetambuzanga n'ava mu kyalo n'agenda ku kibuga era ne yeekomyawo yekka nga tewali amukutte ku mukono.

Ku kyalo ekyo kwaliko akalenzi akaamatanta akaayitibwanga Murtaza. Lwali olwo Murtaza n'ayagala okusomooza muzibe ng'ayagala bakole empaka z'okudduka okugenda mu kibuga n'okudda balabe anaasooka munne.

Hasnu (muzibe) yakkiriza era n'agamba munne nti singa amuwangula yali alina okumuwa ekkooti ye (jaketi) Murtaza kye yakkiriza kuba yali amanyi nti muzibe yali tasobola kumusooka.

Husnu yateekawo akakwakkulizo nti ye yalina okulonda ekiseera mwe baali ab'okutandikira empaka ezo. Murtaza yamanya bumanya nga Husnu yali talina ngeri gye yali ayinza kumuwangulamu n'eby'ekiseera n'abikkiriza.

Husnu ekiseera yalonda kiro ng'omwezi teguliiyo.

Ekkubo erigenda mu kibuga lyali liyitira mu kibira era nga mulimu ebinnya n'amatabi g'emiti mangi ageewese.

Ku Husnu obudde okubeera ekiro oba emisana tewaali njawulo. Yatambula bulungi nga bwe yali akola bulijjo era n'atuuka bulungi mu kibuga. Ye munne yali tayinza kulaba bulungi kkubo, so nga yagwanga mu binnya ate ng'eno bw'atomera amatabi g'emiti ageewetedde mu kkubo. Ekibuga Murtaza yakituukamu nga Husnu amaze ng'ekitundu ky'essaawa kiramba ng'atuuse.

Bambi Murtaza! Singa yali amanyi hadiisi eno wammanga teyandyeyisizza mu ngeri gye yeeyisaamu. Hadiisi egamba nti:

"Mazima ddala Allah Oweekitiibwa yantumira obubaka obugamba nti: 'Mwewombeke omu mu mmwe aleme kweyagalira ku munne". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

إِنَّ اللهَ عَزَّ وَجَلَّ أَوْحَى إِلَيَّ أَنْ تَوَاضَعُوا

حَتَّى لَا يَفْخَرَ أَحَدٌ عَلَى أَحَدٍ

(رواه مسلم)

ZAABU

Aylin yali muwala nga yeemanyi era nga mwewulize nnyo atamanyi musenzi. Naye olunaku lwatuuka kitaawe n'afa olwo n'asigala mu nnaku ey'ekitalo.

Bulijjo yazannyanga yekka mu nnimiro yaabwe nga tayagala kwogera na muwala munne, eyayitibwanga Bedriye, eyabeeranga ku muliraano oguddako kubanga bo baali banaku nga baavu nga Aylin tayagala kwemaanyiiza banaku.

Lwali lumu Bedriye n'ajja ng'adduka n'atuuka mu nnimiro ya Aylin n'agamba Aylin bw'atyi:

“Taata mulwadde muyi era ayinza okufa essaawa yonna. Naye ayagala kukulaba. Alina ekintu ekikulu ky'ayagala okukugamba”.

Aylin yagaana n'agamba nti:

“Omusajja omwavu okuba ne ky'ayagala okunngamba! Ekyo kikafuuwe. N'ennyumba yammwe eyinza okuba ng'ewunya ate nga tewali muntu ayagala kuyingira mu nnyumba ewunya”

Bedriye yaddayo eka. Kyokka waayitawo eddakiika ntono n'akomawo ng'amaziga gamuyitamu n'agamba Aylin nti:

“Taata alina ekintu ky'ayagala okukugamba nga kikulu nnyo. Nti taata wo nga tannafa alina we yaziika zaabu naye nga taata yekka y'amanyi zaabu oyo we yamuziika. Taata wo yali amusabye obutakubuulira kifo ekyo

okutuusa ng'okuze, naye kati nga bw'agenda okufa ayagala kuleka ng'akubuulidde kati. Bambi yanguwa!"



Aylin bwe yawulira Bedriye bye yali amugamba yadduka n'agenda mu nnyumba ya muliraanwa. Naye baakerewa era eky'omukisa omubi baasanga omulwadde afudde.

Aylin yeenyiigira nnyo era ne yejjusa kye yali akoze.

Wabula zaabu si kye kintu kyokka Aylin kye yasubwa naye yasubwa n'omukisa gw'okuyingira Ejjana kubanga yalemera ku mpisa ze enkadde embi.

Nnabbi waffe abantu ab'ekika ekyo yaboogerako bw'atyi:

"Taliyingira Jjana omuntu alina mu mutima gwe okwekuza ne bwe kuba kwenkana nga ensigo y'akalo". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

لاَ يَدْخُلُ الْجَنَّةَ مَنْ كَانَ فِي قَلْبِهِ مِثْقَالُ ذَرَّةٍ مِنْ كِبْرٍ

(رواه مسلم)

OMUBBI

Nuuri yali mulimi owaabulijjo era yali mwavu. Yali teyeeyingiza mu nsonga zitamukwatako, ng'ayogera bbalirirwe era ng'ayogera ekyo kyokka ky'ateekeddwa okwogera. Kino kyaviirako abantu abamu okulowooza nti yali muntu atalina ky'asobola.

Olunaku lumu, omuntu omu eyali atwalibwa ng'owaamagezi amangi mu kitundu yabba endogoyi ya Nuuri. Nuuri bwe yalaba ng'endogoyi ye bagibbye yasalawo agende mu katale aguleyo endogoyi endala.

Kyokka kyamubuukako bwe yali atambula mu katale okulaba ng'endogoyi ye yennyini gye baali babba eri awo bagitunda. Yagenda awaali omutunzi n'amugamba nti:

"Eno ndogoyi yange baginzibako sabbiiti ewedde. Omubbi oyo yali talina nsonyi era mu kwekaza yamuddamu bw'atyi:

"Olabika otabuddwa; endogoyi eno nagigula ng'ekyali nto nze kennyini ne ngyekuliza."

Nuuri bwe yawulira bino ekirowoozo kwe kumujjira amangu. Yakwata ku maaso g'endogoyi n'agamba omutunzi nti:

"Eno endogoyi bw'eba nga yiyo, kale mbuulira liiso ki ku maaso gaayo eryaziba nga teriraba."

Omubbi yasiriikiriramu katono, oluvannyuma n'agamba Nuuri nti:

“Eriiso eryaddyo.”



Nuuri yaggya engalo ku liiso ly’endogoyi eryaddyo n’aliraga omutunzi nga bw’amugamba ng’eriiso bwe lyali liraba obulungi. Ko omubbi nti:

“Oh! Ononsonyiwa mbadde mpubiddwa. Manya eriiso eryakkono ly’eryaziba era teriraba.”

Nuuri yajja omukono ku liiso eryakkono nga bw’agamba omubbi: “N’era oli mukyamu. Na lino eriiso liraba terizibangako”. Abantu mu katale baali bamaze okukunngaana.

Nnabbi waffe yakolimira abantu ababba ebintu bya bannaabwe n’agamba nti:

“Allah akolimire omubbi”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

لَعَنَ اللهُ السَّارِقَ

(رواه البخاري)

EKITOLE KY'EMMERE

Besim yali mwana mulungi. Yali asobola okufuna buli kye yali ayagala kubanga taata we yali musajja mugagga. Wabula Besim yali tamanyi ngeri abantu abanaku bwe baali bayimirizaawo obulamu bwabwe.

Olunaku lumu bwe yali agenda okusamba omupiira embwa yamugoba. Yadduka nnyo nga bwe yali asobola naye embwa yamufundiriza mu kakuubo akafunda. Awo Besim we yalinnyira ku jjinja n'agwa wansi era awo we yakoma okutegeera.

Yagenda okuzibula amaaso ng'alaba omulenzi eyali kumpi mu myaka gye ng'omulenzi ali ne maama we. Baali baamutaasizza embwa era ne bamutwala eka okulongoosa n'okumunyiga ebiwundu.

Besim yabeebaza. Wabula yeewuunya nnyo okulaba ennyumba gye baali basulamu. Ebibajje ebyali mu byali si birungi. Bwe yatuula okulya nabo emmere ku lujjuliro ebintu tebyamugendera bulungi. Buli nnoga gye yalyanga ng'awulira eyagala kudda.

Enkeera Besim yatwalira omukyala eyali amuyambye n'omwana we emmere maama we gye yali afumbye. Baatuula ku lujjuliro ne balya bonna. Ku luno Besim yaliira ddala bulungi era n'awulira bulungi. Mu kiseera kitono abalenzi bombi baali bamaze okufuuka ab'omukwano ogwaddala.



Besim yali mwana musaasizi era oweekisa, era eno y'ensonga lwaki yeeyisa nga hadiisi ya Nnabbi bw'egamba nti:

"Tayinza kuba muntu anzikiririza oyo asula nga mukkufu naye nga muliraanwa we amuddiridde yasuze njala nga naye akimanyi (nti yasuze njala)". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Ibn Abi Shaybah).

مَا آمَنَ بِي مَنْ بَاتَ شَبْعَانَ وَجَارُهُ

جَائِعٌ إِلَى جَنْبِهِ وَهُوَ يَعْلَمُ بِهِ

(رواه ابن أبي شيبة)

SSENTE

Kyali kisiibo kya Lamanzaane, Ethem yali agenze ku beekeeri okugulayo emigaati gye baali bagenda okusiibulukukirako awaka. Wabula yasangayo olunyiriri lw'abantu nga luwanvu nnyo ddala. Okusiibulukuka bwe kwasembera abantu obugumiikiriza bwagenda bubaggwaako mpola.

Omufumbi w'emigaati yatandika okweraliikirira abantu abaali mu nnyiriri. Kyamubeerera kizibu okukola ku bantu abo bonna amangu n'okukakasa nti buli omu afunye emigaati gye yali ayagala ate ne bamuddiza ne ssente entuufu. Ekiseera ky'okusiibulukuka kyali kinaatera okutuukira ddala Ethem n'asembera. Omufumbi w'emigaati yali akooyedde ddala, era mu butanwa n'addiza Ethem ssente ezaali zisinga ku ze yali ateekwa okumuwa. Ethem yasooka n'atyamu wabula era n'atunuulira omufumbi w'emigaati enkaliriza. Kino omufumbi w'emigaati kyamwewuunyisa kwe kubuuza Ethem nti:



"Waliwo ekikyamu kyonna?"

Ethem kwe kuddamu nti: “Nedda”. Yatwala ssente ezimuddiziddwa n’adduka okudda eka.

Bwe baatuuka okulya ekyeggulo, Ethem yali tateredde mu birowoozo era ng’alabika alina ekimusumbuwa mu mutima nga n’emirembe talina. Bwe yagenda mu buliri okwebaka yeeyongera kutya ng’alinga alaba omusajja ng’amubuuza nti:

“Lwaki wakoze ekikolwa ekyo? Lwaki watutte ssente ezitali zizo?”

Yalowoozaamu eky’okubuulira maama we buli kyonna ekyagwawo; naye ekirowoozo n’akikyusa n’atabaako ky’amugamba. Yakimanya nti maama we yali ajja kukwatibwa obusungu era amunenye nnyo.

Yafuna ebirooto eby’entiisa ekiro ekyo. Ate nga ne bwe yazuukuka ku makya yali teyeewulira bulungi.

Yatunuulira kalenda gye baali bawanise ku kisenge. Kwaliko hadiisi eyali esoma bw’etyi:

“Ekintu ekibi ky’ekyo ekikutawaanya mu kifuba era nga toyagala abantu bakimanye”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

الإِثْمُ مَا حَاكَ فِي صَدْرِكَ وَكَرِهْتَ أَنْ يَطَّلِعَ عَلَيْهِ النَّاسُ

(رواه مسلم)

Ethem yawulira ng’amyukiriide mu maaso ng’alinga Nnabbi waffe omwagalwa hadiisi eno eyagyogerera ye. Yagenderawo ew’omufumbi w’emigaati n’amuddiza ssente ze ng’eno bwe yeetonda obutazizza mangu.

KAYUNGIRIZI

Lumu bwali budde nga bwa muzira omungi era nga bunyogovu. Isa yali agenda ku ssomero n'asanga omwana omunaku nga tayambadde wadde kabuuti. Engatto z'omwana zaali nkadde nnyo nga zaayulika nga zonna zitotobadde. Isa yawulira okunyolwa eri omwana ono. Kitaawe teyali musajja mugagga ekiri awo, wabula ng'asobola okubeezaawo amaka gaabwe nga ne mutabani we bw'aba alina kye yeetaaga amuwa ekisaanidde.

Isa kwe kusalawo agoberere omulenzi ono. Wabula kyamwewuunyisa nnyo okulaba ng'omulenzi yali agenda ku ssomero lye limu naye gye yali asomera, kyokka nga tamulabangako ku ssomero lyabwe. Yatandika okwewuunya ky'ayinza okukola okuyamba omulenzi ono. Wabula ng'asobeddwa yali ayagala okumuwa engatto ze, naye yeesanga nga teyalina mugogo gwa ngatto mulala ate nga n'ezo naye yali azambalidde emyaka ebiri.



Ekyemisana bwe kyatuuka, Isa yalengera omulenzi ono era n'amusaba babeere bamukwano.

Omulenzi yakkiriza olwo ne bafuukira ddala aboomukwano ogwaddala. Isa yakizuula nti kitaawe w'omulenzi ono yali yafa emyaka mitono nnyo emabega era nga yabeeranga ne nnyina ne bannyina babiri era nga baasulanga ku muliraano awo. Olunaku olwo Isa n'omulenzi baalya bombi ekyemisana.

Olweggulu lw'olunaku olwo Isa yagamba kitaawe nti: "Omusomesa yatuwadde ekigezo leero nga twetaaga okumanya engeri gye tusobola okuyambamu abanaku."

Kitaawe yamuwa ebirowoozo bye era n'amuwa engeri ezenjawulo mw'asobola okuyita okuyambamu abanaku. Enkeera Isa yagenda mu kitongole ekiyamba bamulekwa n'abanaku ku muliraano n'asangayo omusajja eyali atunuza ekisa. Yamunnyonnyola ku mbeera ya mukwano gwe era n'amusaba obuyambi. Omwami ono yasanyuka nnyo olw'ekikolwa kino Isa kye yali akoze. Yamwebaza era n'asaba Isa okuzuula wa mukwano gwe oyo gye yali abeera. Yamugamba nti: "Allah ne Omubaka we Nnabbi Muhammadi baagala nnyo abaana nga ye era nti akoledde ddala nga hadiisi eno wammanga ky'eyogerako nti:

"Omuntu alagirira omulala okukola ekirungi afuna empeera nga ez'oli akikoze". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).:

إِنَّ الدَّالَّ عَلَى الْخَيْرِ كَفَاعِلِهِ

(رواه الترمذي)

JANGU ONKWEKULE (TEPPO)

Ihsaan yali azannya teppo (jangu onkwekule) ne mikwano gye. Ekiseera ky'okwekweka bwe kyatuuka yafuna ekifo ekirungi eky'okwekwekamu emabega w'omuti gw'ekinazzi ku mabbali w'oluguudo era nga kyali kizibu omuntu okumukwekula. Mu kaseera ako omusajja omukadde ng'alina ekirevu ekyeru yamusemberera ng'ayagala amulagirire gye yali agenda. Yamugamba nti: "Mutabani nsaba kundagirirako osobola okunnyamba?"

Ihsaan yakyuka n'ateeka engalo ku mimwa gye n'alaza ng'ayagala nnamukadde asirike. Wabula nnamukadde ono yeewuunya nga tategeera lwaki omuvubuka yali ayagala okumusirisa, kwe kumubuuza bw'atyi: "Lwaki oyagala nsirike? Nze nkusabye kundagirira bulagirizi. Bw'oba omanyi gye nkubuuzizza mbuulira bubuulizi oba tomanyiiyo nyeenya omutwe



nti nedda. Ye oba abaana b'omu kibuga baakula batya? Nga ba ngeri!" Bw'atyo nnamukadde bwe yayomba.

Eyali azannya "kino" yalaba nnamukadde ng'alina gw'ayogera naye ali emabega w'omuti n'ategeera nti wateekeddwa okubaayo omuntu eyeekweseeyo. Olwo kwe kusembera empolampola.

Nnamukadde – eyali takyalina bugumiikiriza – kwe kugamba nti:

"Kyeraga bwerazi nti tewali yasomesa baana bano hadiisi eno wammanga nti:

"Oyo alagirira omuntu abuliddwa ekifo, abanga omuntu atadde omuddu omulamba". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

مَنْ هَدَى زُقَاقًا كَانَ لَهُ مِثْلَ عِتْقِ رَقَبَةٍ

(رواه الترمذي)

‚Wer einem Verirrten den Weg weist, der erhält den gleichen Lohn als hätte er einem Sklaven die Freiheit geschenkt.'"

MUTABANGUZI

Ebiseera ebisinga Avni yali mwana mulungi wabula yalina ekizibu kimu. Yali akaayana nnyo ne banne ekyavangamu obutakkaanya era kino mikwano gye tebaakyagalanga mu nneeyisa ye.

Olunaku lumu abaana bano baali batudde ku lubalama lw'ennyanja era nga boogera ku nnyanja n'agayanja aganene (ga semayanja). Baali bagamba nti agayanja gaali gakka nnyo wansi era nga gannyogoga nnyo okusinga ku nnyanja endala.

Avni yalina omuze gw'okuwakanyanga ebirowoozo by'abalala. Ku mulundi guno banne baawakana naye kuba baali bamumanyi bulungi. Baatandika okukasuka obuyinja obutono. Obuyinja obutono obubabaatavu bw'abuukanga ku mazzi aga bbulu nga bulinga obunyonyi.

Ku olwo Faruk ye yanywamu banne akendo anti obuyinja bwe yakasuka bw'agenda wala nnyo okusingako ku banne nga bulinga obwagala okubulira mu bbanga.

Avni ensaalwa yamukwata kwe kugamba Faruk nti: "Faruk! Leka tulabe obuyinja bwo." Faruk yayanjuluza engalo ze n'amulaga obuyinja bwe era nga tebwawukana na bwa balala. Wabula Avni omukyankalanyi bulijjo yanoonyanga kasonga ka kwekwasa asinziire okwo atanule olutalo.



“Ooh! Ekitegeeza ggwe watutte obuyinja obusingayo obutono. Ekyo kiri mu giraasi nti obuyinja obutono butuuka wala nnyo okusinga obunene. Ekyo teri atakisobola”.

Faruk yali muvubuka mwangu era nga yali tayagala kukaayana, kye yava agamba nti: “Kale! Kati lwaki tetuwaanyisa amayinja? Ggwe twala buno obutono obwange nze nkozese agago”.

Bwe baakasuka era tewaali njawulo, Faruk yasinga.

Wano Haydar, eyali awenyera olw’akabenje k’ekidduka ke yali aguddeko, kwe kusembera awaali Avni, n’amugamba mu ddoboozi erikkakkamu nga mukwano gwe nti: “Avni nkimanyi nti olwaleero toli mu mbera nnungi, ate ng’era omukisa tegubadde gugwo.”

Kyokka Avni yali yanyiize dda olw’okubanga yali tasobode kukasuka bulungi buyinja. Yabwatuukira Haydar nti: “Omanyi ki ggwe mulema ggwe?!”

Abaana abalala bonna baanyigira nnyo Avni kubanga baali baagala nnyo Haydar era nga tebaagala kulaba amuyisa bubi era ne banenya nnyo Avni nti teyali mwenkanya okulangira Haydar obulema n’enneeyisa yonna gye yali yeeyisizzaamu. Enneeyisa ya Avni ekontana n’ebigambo Nnabbi bye yatugamba nti:

“Tokaayanyanga muganda wo Omusiraamu era tomusagisanga!” (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

لاَ تُمَارِ أَخَاكَ وَلاَ تُمَازِحْهُ

(رواه الترمذي)

OMUTI OGW'EBIBALA

Ali ne Aisha baalinnya omuti gw'ebibala ne batandika okulya buli kibala ekyali kyengedde. Wabula Ali yalaba nti ebibala ebyali ku busanso bw'amatabi g'omuti nga birengejja nga byali bingi era nga byengedde bulungi ddala. Aisha olwamulaba nga yeeyongerayo kwe kumulabula bw'atyi:

"Amatabi ago galabika matono era nga gayinza obutasobola kuwanirira buzito bwo. Ebibala bino nabyo birungi nga biri". Aisha bino yabyogera nga tayagala Ali awalampe obutabi buli. Kyokka Ali teyawuliriza Aisha bye yali amu-



gamba era nga mu kiseera ekyo talina kirala ky'alowooza okuggyako ebibala biri.

Yagenda mu maaso ne yeewalula agende ku butabi obusembayo. Era tewaayita kaseera kawanvu ne yeesanga wansi n'ettabi eryali limenyese naye nga teryamenyeka lyokka wabula n'okugulu kwa Ali tekwalutonda nakwo kwagenderamu. Yalina okusigala awaka okumala sabiiti eziwerako ng'alaba bulabi abaana abalala nga bawoomerwa ebibala ku muti byonna kumpi okubimalako. Ali yali wa mululu, ssi bwe kiri?

Kati laba okusoomooza okuli mu kulabula okuli mu bigambo bya Nnabbi nti:

"Singa omuntu yalina ensenyi bbiri nga zijjudde zaabu yandisigadde ayagala nnyo afune olw'okusatu! Omuntu, ttaka (mu ntaana) lyokka ly'eriyinza okujjuza akamwa ke okumumatiza". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

لَوْ كَانَ لاِبْنِ آدَمَ وَادِيَانِ مِنْ ذَهَبٍ لَأَحَبَّ أَنْ يَكُونَ

لَهُ ثَالِثٌ وَلاَ يَملَأُ فَاهُ إِلاَّ التُّرَابُ

(رواه الترمذي)

OMWANA OMUZIRA


Mu biseera ebyedda walingawo abazigu abaalindanga abantu ku makubo ne babaako ebintu byabwe bye baababbangako ate ne babawamba ne babatwala okubatunda mu butale ng'abaddu.

Olunaku lumu waaliwo musajjamukulu omunaku abazigu bano gwe baawamba. Mukama waabwe kwe kumugamba nti:

"Bw'oba toyagala tukutunde ng'omuddu mu katale olina okuleeta ebitundu bya zaabu kikumi tukuleke ogende."

Omusajja omukadde ono yawandiika ebbaluwa eri ab'ennganda ze ng'egamba bw'etyi: "Nkimanyi temulina ssente zimala kusobola kunnunula. Wabula mpandiise ebbaluwa eno kubategeeza butegeeza ku bintuseeko."

Musajjamukulu ono yalina mutabani we ow'ekisa ate nga mugezi. Bwe yafuna ebbaluwa ya kitaawe yasitukiramu n'agenda eri abazigu n'abagamba nti "Bakama bange! Nkimanyi nti temusobola kusumulula kitange nga sibawadde mutemwa gwe mwasabye era siri mu kubasaba nti mumusumulule. Naye nammwe mulaba musajja munaku era munafu ate mukadde. Bwe munaamutunda temujja kufuna amubawaamu ssente eziwera. Nze nteesa nti mutwale nze, nze gwe muba mutunda mujja kufuna abawa ssente ezisinga ku ze mwandifunye nga mutunze nnamukadde ono".



Ekirowoozo kino abazigu baakyagala, naye ne bagamba nti baalina okusooka okubuuza mukama waabwe. Abatwala yeewuunya nnyo nga takkiriza amatu ge kye yali awulidde. Yatunuulira omwana omuzira oyo n'amwewuunya, kwe kugamba nti:

"Nga kyewuunyisa okuba nga ku nsi kuno kukyawangaalirako abaana abazira bwe batyi! Nze nnandiwaddeyo obulamu bwange okulaba nga nnyina omwana omuzira bw'atyi. Jangu, nngenda kukuddiza obulamu bwa kitaawo

ku lulwo, era ggwe ne kitaawo mbalese mugende mulye butaala!"

Musajjamukulu ono ne mutabani we baddayo nga beewuunyizza ebyali biguddewo era emboozi eno etujjukiza hadiisi ya Nnabbi egamba nti:

"Omwana tasobola kusasula kitaawe olw'ebirungi bye yamukolera okuggyako ng'asanze kitaawe muddu n'amugula n'amuta (olwo aba amusasudde mu bujjuvu)". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

لاَ يَجْزِي وَلَدٌ وَالِدًا إِلاَّ أَنْ يَجِدَهُ

مَمْلُوكًا فَيَشْتَرِيَهُ فَيُعْتِقَهُ

(رواه مسلم)

AKALIGA AKATO

Necip yayagalanga nnyo endiga naddala obuliga obuto. Olwali olwo kitaawe n'amuwa akaliga akato ng'ekirabo akalabirire. Necip yakaliisa bulungi era bw'atyo n'akakuza mu biseera by'ekyeya. Yanyumirwanga nnyo akaliga engeri gye kaddukangamu nga kajja gy'ali ne kamwesiimulizaako obugere.

Taata wa Necip yamukubiriza obutalekanga nzigi nga nzigule ng'atya obuliga okwonoona ebintu by'omu nnyumba.

Olunaku lumu, Necip yadduka n'agenda mu nju okuggyayo omupiira gwe. Yali ajjukira bulungi kitaawe kye yali yamugamba wabula teyafaayo kuggala nzigi ng'alowooza nti yali waakumala akaseera katono afulume. Yali talabye nti akaliga kaali kazze kamugoberera mu nnyumba.

Akaliga kaali kakyali mu kunoonya Necip ne kagoolekaganya n'akaliga akalala akaali mu ndabirwamu ennene eyali awo mu kisenge ekisulwamu. Buli kaliga lwe kaasemberanga nga na kali akali mu ndabirwamu kasembera, awo wamma ne gujabagira. Kaakoteka omutwe wansi ne kasinziira okukkakkana nga katomedde endabirwamu yonna nga kagyasizza nga kafuba okulaba nga kasomesa essomo akaliga kali akalala akaali mu ndabirwamu. Waaliwo okubwatuka okwamaanyi okwawulirwa mu nju ng'endabirwamu eyabiseemu obutundutundu nga kikumi.

Singa Necip yali amanyi Nnabbi kye yagamba Basswahaba abato, Ibn Umar ne Abdullah Ibn Amuri teyandiresse kukolera ku kubuulilira kwa kitaawe. Nnabbi yagamba nti:

“Gondera kitaawo.” (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Ahmada).

أَطِعْ أَبَاكَ

(رواه أحمد)



OMWANA OW'EKITONE

Abakyala basatu baali bava mu katale nga bakutte obusero bwe baali bava okuguliramu ebintu mu ngalo. Baasalawo okuwummulako ku katebe akaali eruuyi awo. Baatandika okwogera ku bitone by'abaana baabwe.

Omukyala eyasooka yayogera nga mutabani we bwe yali asobola okutambulira ku mikono gye okumala akaseera.

Omukyala owookubiri ye n'ategeeza nga mutabani we bwe yali ayimba ng'ennyonza era nga buli muntu bwe yanyumirwanga ng'amuwulidde ayimba.

Omukyala owookusatu ye talina kye yayogera wabula yali awulinza buwuliza. Omu ku bakyala yamubuuza ensonga eyamugaana okubaako ne ky'ayogera ku bitone bya mutabani we nga bw'agamba nti: "Ggwe nga tolina ky'oyogedde ku mutabani wo?" Ono yamuddamu nti: "Mutabani wange talina kitone kye nnyinza kwenyumirizaamu".

Waliwo musajjamukulu eyali ayitawo eyawulira abakazi bano nga banyumya. Kino kyamuwaliriza okubagoberera alabe gye byali eby'okuggweera. Bwe baatuuka ku luguudo kwe baasulanga baasalawo okuddamu okuwummulako, obusero bwabwe ne babuteeka awo ku ttaka. Abaana baabwe olwabalengera bajja badduka okubasanga. Omwana w'omukyala oli eyasooka okunyumya yatandika okutambuza emikono ng'amagulu agawanise mu bbanga.



Omwana w'omukyala owookubiri ye yatandika okuyimba akayimba ke yali amanyi nti kaali kanyumira nnyo maama we. Awo wonna ng'abakazi abasatu babakubira mu ngalo.

Omwana w'omukyala owookusatu ye bwe yajja yabuuza nnyina bw'atyi: "Maama nkuyambeko?" olwo kwe kusitula akasero n'akatwala.

Abakyala bano baayimiriza musajjamukulu ne bamubuuza kye yali alowooza ku talanta z'abaana baabwe.

Musajjamukulu yabaddamu bw'atyi: "Nze ndabye omwana omu yekka alina talanta: y'oli eyazze ng'adduka okuyamba maama we okumusitulirako akasero. Ky'akoze kigya mu hadiisi ya Nnabbi waffe egamba nti:

"Buli muntu mmulaamira okuyambanga maama we." (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Ibn Maajah).

أُوصِي امْرَأً بِأُمِّهِ

(رواه ابن ماجه)

SOWAANE EYA PULASITIIKA

Waliwo omubazzi eyali akaddiye era nga yali agenda anafuwa. Amaanyi gaali gamuwedde-mu ate nga n'okulaba kwe kugenda kunafuwa. Yali takyasobola kunyweza bulungi kijiiko kye yalisanga kubanga emikono gye gyali gitandise okukankana. Ekyo kyamuviirako okulya obubi era ng'emmere gy'ayiwa ku kakeeka ke baliirako yabeeranga nnyingi okusinga gye yatuusanga mu kamwa.

Mutabani we ne mukamwana we baamukubirizanga okwegenderezanga ng'alya. Ebikolwa bye byabanyizanga naddala emmere eyakulukutanga ku mumwa ne ku luba. Gye byaggweera nga basazeewo bamuggye ku mmeeza kwe baliira era ne bamufunira eyiye kw'aliira yekka.

Kazzukulu ke ke baayitanga Hasane ebintu bakad-de baako bye baakolanga jjajja waako tebyakasanyu-sanga. Kaagezangako okumuyambanga nga kamukwati-rako ku kijiiko asobole okulya obulungi emmere nga tagiyiyeeyiye.

Naye lumu, musajjamukulu yali alya emmere esso-waani ey'ebbumba kwe yali aliira n'esimattuka n'egwa n'eyatika. Yatunuulira abaana be abaali ku mmeeza endala ng'eno n'amaziga bwe gamuyitamu olw'okutya. Mutabani we ne mukamwana obusungu bwababakwata ne bagugumbula

omuzeeyi, ekintu ekyayongera okutengula ennyo emmeeme ye. Okuva olwo baasalawo emmere bagimuteerenga ku sowaani eya pulasitiika.

Lumu mutabani wa musajjamukulu omubazzi yalagira mukazi we obutaddamu kuteeka bibala ku sowaani eza pulasitiika era n'amulagira azisuule mu kasasiro.

Hasane yatoolawo essowaane bbiri n'asaba maama we aleme kuzisuula kubanga baali baakuzeetaaga mu biseera ebyomu maaso. Taata wa Hasane yamubuuza bw'atyi: "Ate oliba ozeetaaga kuzikozesa ki?"



Hasane kwe kumuddamu nti: “Nange nja kuba nzetaaga okubateerako emmere bwe muliba mukaddiye”.

Ekintu kino bakadde ba Hasane kyabayisa bubi nnyo era muli ne bawulira okuswala okuyitirivu. Baatandika okukkiriza musajjamukulu addemu okulya nabo ku mmeeza emu.

Singa mutabani w’omukadde ne mukyala we baakitegeera nti engeri yokka ey’okuyingira Ejjana kuyisa bulungi bazadde osanga tebandyeyisizza bwe batyo.

Omubaka waffe kino yakirambika bulungi mu hadiisi eno wammanga nti:

“Okusiima kwa Katonda kuyita mu kusiima kwa muzadde. Mu ngeri y’emu, obusungu bwa Omutonzi buyita mu busungu bwa bazadde”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

رِضَى الرَّبِّ فِي رِضَى الْوَالِدِ

وَسَخَطُ الرَّبِّ فِي سَخَطِ الْوَالِدِ

(رواه الترمذي)

EKKALAAMU EYABWINO

Jalaal yali mwana wa mubazzi. Yateranga okutuula ku nsonda y'oluguudo n'akaabira ekkalaamu ye eyabwino eyali emuguddeko.

Waliwo omusajja eyali ayitawo ng'ayambade bulungi n'amulaba ng'ali mu mbeera eno. Kino kyamuwaliriza okuyimirira n'abuuza Jalaal ekyali kimutuuseeko. Bwe yamanya ekyali kituuseko kwe kukwata mu nsawo ye n'aggyamu ekkalaamu n'abuuza Jalaal bw'atyi:

"Eno ssi ye kalaamu yo?"

Jalaal yasiriikirizaamu okukaaba n'agamba omusajja nti: "Nedda ssi y'eno. Ekkalaamu eyange teyabadde nnungi ng'eno".



Omusajja yeewuunya nnyo obwesimbu bwa Jalaal era kwe kumugamba bw'atyi:

"Olw'obwesimbu bw'olina n'okubeera omuntu ayogera amazima ekkalaamu eno ngikuwadde ng'ekirabo, gitwale".

Nnabbi waffe yatubuulira engeri Katonda gy'agenda okusasulamu abantu abeesimbu mu hadiisi eno:

"Okwogera amazima kulunngamya omuntu eri empisa ennungi; ate empisa ennungi omuntu zimutwala mu Jjana". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

إِنَّ الصِّدْقَ يَهْدِي إِلَى الْبِرِّ وَإِنَّ الْبِرَّ يَهْدِي إِلَى الْجَنَّةِ

(رواه البخاري)

KALIMBIRA

Olunaku lumu, omusajja n'omukazi baalina omusango mu kkooti. Omulamuzi bwe yatuuka olwo okuwoza ne kutandika. Omukazi ye yasooka okwogera.

Yasonga ku musajja omutono ennyo eyali amuyimiridde ku mabbali nga bw'agamba nti: "Omusajja ono yannumba n'ankaka omukwano n'ammalako ensonyi zange," era awo n'atandikirawo okukaaba.

Omusajja yagezaako okwerwanako nga bw'awoza nti: "Mukama wange Mulamuzi, omukazi ono alimba! Omukazi yazze ewange n'ansanga nga mbala ssente ze nnabadde ntunze mu ndiga yange. Olwandabye n'atandika okuntiisatiisa nga bwe yabadde agenda okundeetera emitawaana singa nabadde simuwadde ssente ezo ze nabadde mbala. Bwe nnagaanye ye kwe kutandika okuwoggana".

Ng'amaze okuwulira buli ludda, Omulamuzi yategeera ani eyali ayogera amazima era ani eyali alimba, naye n'atabaako ky'anyega.

Oluvannyuma yakyukira omusajja era mu bukambwe obungi kwe kumugamba nti: "Walumbaganye mukazi wattu ono ate n'ojja wano n'ogezaako okutubuulira ebirimbo byonna eby'oku nsi! Omukazi muwe mangu ssente zonna z'olina mu nsawo, ekitali ekyo nja kukussa mu kkomera".



Buli omu eyaliwo yeewuunya nnyo ensala y'Omulamuzi, nga tewali yali amusuubira kweyisa bw'atyo.

Omukazi, mu ssanyu eringi, yakwata ssente omusajja ze yali amuwadde n'afuluma mu kkooti ng'essanyu lijula okumutta era nga bw'asabira Omulamuzi obulungi. Amangu ng'omukazi yaakafuluma, Omulamuzi yalagira omusajja agoberere omukazi amuggyeko ssente zonna ze yali amuwadde. Omusajja kino nakyo kyamuyitirirako naye n'ayanguwa n'afuluma asobole okusanga omukazi mbu amuggyeko ssente ze yali amuwadde.

Nga wayiseewo obudakiika butono abantu bano bombi baababakomyawo mu kisenge kya kkooti. Omusajja yali alumizibwa era nga aliko ebiwundu, enkwagulo, n'ebisago

mu maaso. Ne ku mulundi guno omukazi ye yali omusaale mu kwogera. Yayogera nga munyiivu nnyo nga tasalikako musale: “Ssebo Omulamuzi! Omubbi ono abadde agezaako okunzigyako ssente z’ompadde”.

Omulamuzi kwe kubuuza omukazi nti: “Asobodde okuzikuggyako?”

Ko omukazi kwe kugamba nga yenna bw’akinagguka nti: “Olowooza nti nnyinza okubaako ne ssente yonna gye nnyinza okumuleka n’atwala?!”

Omulamuzi kwe kukyukira omukazi n’obusungu era mu ddoboozi ery’omwanguka n’amugamba nti:

“Kaggwensonyi ggwe! Wano weefudde omukazi omwesimbu era owaamazima n’ogamba nti musajja wattu ono yakulumbye n’akukwata. Naye singa ekyo bwe kyabadde wandifubye okwerwanako n’okwetaasa n’okusinga bw’okoze ng’otaakiriza ssente zino. Kati muddize mangu ssente ze”.

Era nga tannasalira mukazi musango, Omulamuzi yasooka kumujjukiza hadiisi ya Nnabbi eno egamba nti:

“Mwewale obulimba kubanga mazima ddala obulimba butwala omuntu eri obwonoonefu ate ng’obwonoonefu butwala omuntu eri Omuliro.” (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

إِيَّاكُمْ وَالْكَذِبَ فَإِنَّ الْكَذِبَ يَهْدِي إِلَى الْفُجُورِ

وَإِنَّ الْفُجُورَ يَهْدِي إِلَى النَّارِ

(رواه مسلم)

OMUTI GW'EBINYEEBWA EBIZUNGU

Husnu yali agamba Omulamuzi nga bw'asonga ku musajja gwe yali avunaana omusango. Oweekitiibwa Omulamuzi! Omwaka oguwedde nnalekera omusajja oyo empeta eyakolebwa mu kikomo kya dayimondi nga sinnagenda bweru. Kati njagala anzirize empeta yange naye yeeremye.

Omulamuzi kwe kubuuza Mistik Kahya, eyali atudde mu kaguli nti:

"Lwaki wagaana okuddiza ono empeta ye?"

Kahya yamuddamu nti: "Oyo alimba, tanteresanga mpeta yonna".

Omulamuzi kwe kukyukira Husnu n'amubuuza nti: "Olina omujulizi yenna eyalaba nga owa omusajja ono empeta?"

Ko Husnu nti: "Nedda ssebo. Tewaali muntu n'omu eyatulaba nga mpeera omusajja ono empeta wansi w'omuti gw'ebinyeebwa ebizungu".

Omulamuzi kwe kulagira Husnu agende amuleetere ettabi limu okuva ku muti ogwo gwe yali ayogerako.

Nga wayiseewo eddakiika ntonotono, Omulamuzi yakyukira Kahya n'amugamba nti:



“Ono oba ali ludda wa? Oba anaakomawo ddi? Genda mu ddirisa olabe oba ajja”.

Mistik Kahya teyatawaana na kuva we yali, kwe kugamba Omulamuzi nti:

“Tayinza kuba ng’akomyewo nga tewannayita ssaawa nga sattu kubanga okuva wano n’ewali omuti waliwo akatemerero”.

Omulamuzi kwe kukyukira Mistik Kahya n’amugamba nti:

“Ggwe toli mulimba kyokka naye n’obusiru oli musiru! Bw’oba nga totwalanga ku mpeta ya musajja ate wamanya otya omuti gye guli? Towulirangako hadiisi ya Nnabbi waffe egamba nti:

“Abange abantu! Mwewale okulimba kubanga obulimba n’Obukkiriza tebikwatagana”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Ahmada).

يَا أَيُّهَا النَّاس إِيَّاكُمْ وَالْكَذِب فَإِنَّ الْكَذِب مُجَانِبٌ لِلْإِيمَانِ

(رواه أحمد)

Omulamuzi oluvannyuma kwe kuwa Kahya ekibonerezo ekikakali olw’ekikolobero kye yakola.

EDDOBOOZI

Omulenzi gwe baayitanga Remzi yali atwalira kitaawe eyali ali mu nnimiro emmere. Ng'ali mu kkubo yalengera ekintu kye yeefaanaanyiriza ekisiikirize ky'omuntu ali emabega w'ebyazi ebyali emabega w'olusozi. Yalowooza nti ekisiikirize kyali kya muto munne kwe kuwoggana n'ayita nti, "Heeeey!" Yawulira eddoboozi nga limuddamu nti, "Heeeey!" nga lifubutuka eyo mu lusozi.

Remzi teyategeera nti eddoboozi eryali limuddamu lyali lirye, wabula yalowooza nti waliwo omwana omulala waggulu eyo eyali agezaako okumuyeeyereza n'okumuzannyisa. Yaddamu nti:

"Lindako katono nzije waggulu w'olusozi eyo onaalaba ekinaakutuukako".

Eddoboozi kwe kufubutuka mu lusozi nga limugamba nti:

"Lindako katono nzije waggulu w'olusozi eyo onaalaba ekinaakutuukako".

Remzi yawulira obusungu nga bumuyuza kwe kuleekaanira waggulu nga bwe yasobola nti: "Mutiitiizi ggwe oba weeyita musajja weesowoleyo nkulabe".

Eddoboozi bwe lyamuddira nga lyogera ekintu kye kimu, Remzi yafubutuka n'alinnya olusozi era n'atuuka ng'awejjawejja era ng'akooye nnyo. Awamu n'ekyo teyasobola kulaba ku muntu yenna nga bwe yali asuu-

bira. Yalowooza nti omwana ateekeddwa okuba nga yali alina we yeekukumye. Yeeyongera okuwalampa enjazi nga bw'aleekana. Yalowooza ku kye yali agenda okukolera omwana singa yali amukutteko engalo. Naye omwana omutiitiizi oyo yali yeekukumye ng'atidde Remzi tasobola kwesowolayo.

Nga wayise akaseera Remzi yajjukira kitaawe gwe yalowooza nti enjala yali eteekwa okuba ng'emuluma. Bwe yatuuka awaali kitaawe kwe kumuyitiramu byonna ebyali bituuseewo. Taata we yamuwuliriza bulungi era olwamala n'amujjukiza enjogera egamba nti: "Oyo amala googera buli ky'ayagala, awulira buli ky'atayagala kuwulira".

Singa Remzi yali amanyi ebigambo bya Nnabbi ebijja wammanga teyandyeyisizza nga bwe yakola. Nnabbi yagamba nti:

"Omuntu akkiriza Katonda n'Olunaku lwe nkomerero, ayogere bigambo birungi oba asirike". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ بِاللهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ فَلْيَقُلْ

خَيْرًا أَوْ لِيَصْمُتْ

(رواه البخاري)

OMUGAATI

Obudde bwali bunnyogovu nga bwa butiti. Hasane yali akomawo awaka ng'ava kugula mugaati mu bbeekeeri, amaaso kwe kugakuba ku lubwa olwali olukovvu ennyo era nga lulabika bubi. Okumanya ng'olubwa luli lwali lukovvu omuntu



yali asobola n'okubala embiriizi zaalwo. Embwa yatunuulira n'enkaliriza emigaati egyali mu kasero Hasane ke yali asitudde ng'ewuuna nga n'endusu bwe ziyiika.

Hasane ekisa kyamukwata okulaba embeera eno embwa gye yalimu. Bw'atyo yatandika okwogera yekka nti, "Singa embwa eno ngiwaako omugaati gumu maama wange ajja kunnyigira nnyo". Naye bwe yamala n'asalawo nti kyali kisaana okugumira ekya maama we okunyiiga, singa yali wa kukikola. Kye yakola kwe kussa akasero wansi n'aggyako omugaati n'atandika okugumenyaamenya nga bw'awa embwa.

Omusajja eyali ava mu bbeekeeri yawulira Hasane bye yali yeeyogeza, kwe kuddira ogumu ku migaati gye n'agussa mpola mu kasero ka Hasane nga tamulaba.

Hasane okutuuka eka kyamuggwaako okusanga ng'emigaati egiri mu kasero gyenkanira ddala ne gye yali aguze mu bbeekeeri!

Kino Hasane tekyandimutwalidde nnyo biseera kunnyonnyola singa yali amanyi hadiisi ya Nnabbi egamba nti,

"Okugaba tekukendeeza n'akamu bugagga bwa muntu". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

مَا نَقَصَتْ صَدَقَةٌ مِنْ مَالٍ

(رواه مسلم)

OMUKODO

Ihsaan yalina taata we omuto omukodo ng'era bw'atyo bw'awangaala. Ye kennyini teyasaasaanyanga ssente ye, ate teyagiwangako muntu yenna. Olw'obukodo bwe, tewali muntu yali amwagala.

Omusajja omukodo ono buli kantu ke yafunanga ng'akawaanyisaamu zaabu kubanga yali ayagala buli kikye okukitunulangako n'amaaso ge. Olwamalanga okuwaanyisa ebintu mu zaabu nga zaabu amuziika mu ttaka mu nnimiro ye.

Buli lunaku yaggyangayo ebinusu bya zaabu n'abibala oluvannyuma n'abizzaayo n'abiziika mu kifo kyekimu. Olunaku lwakya lumu yagenda okukebera ku zaabu we n'atasangayo wadde ekinusu ekimu bwe kityi, nga kiteeberezebwa nti waliwo eyamubbayo. Kino kyamuleetera obusungu era kata kimusuule eddalu.

Ihsaan olwategeera ekyali kituuse ku taata we omuto yagenda okumulaba, kwe kumugamba nti: "Tokaabira ssente kubanga tezaabade zizo era ssi ggwe yabadde nnyini zo. Singa zaababdde zizo tewandiziziise mu nnimiro wabula wandizikozeemu ekintu ekyomugaso."

Nnabbi waffe eyasaba Katonda okumwewaza obukodo yagamba mu hadiisi ye nti:

“Omuntu omukodo ali wala nnyo ne Allah, ali wala nnyo n’e Jjana era ali wala nnyo n’abantu”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

الْبَخِيلُ بَعِيدٌ مِنَ اللهِ بَعِيدٌ مِنَ الْجَنَّةِ بَعِيدٌ مِنَ النَّاسِ

(رواه الترمذي)

ENGATTO

Byali biseera biwanvu eby'obutiti. Saadi yali awulira obunnyogovu olw'ensonga nti engatto ze zaali ziyingiza amazzi mu nda. Nga gwe mulundi gwe ogusooka, yawulira bubi olw'embeera y'obwavu abeewaabwe gye baalimu. Yateebereza nga bwe kyandibade eky'ettendo singa baalina ssente ezimala okugula ekikooti eky'amaanyi ekibuguma n'engatto ennungi.



Lumu Saadi yava ku ssomero ng'ensawo ye emuli mu ngalo. Yayimirirako ku muzikiti omukulu mu kaseera okwaziina we kwatandikira okw'esswala ya Dhuhuri. Saadi yayagalanga nnyo okusaalira ku muzikiti era kye yakola kwe kutambula butereevu n'ayolekera we bafunira wudhu. Ensawo ye yagissa ku katebe n'afungiza emikono gy'essaati ye.

Yali amanyi kumpi buli muntu eyasaaliranga mu muzikiti ogwo.

Yatuula ku bufulejje bw'amazzi n'aggyamu engatto ze, naye nga sitookisi ze zitobye ate nga ziddugala okufa. Mu busungu obungi, yakasuka engatto emu wansi. Awo we yalabira omusajja ng'afuna wudhu ku bbali awo. Omusajja bwe yatuuka okutawaaza ebigere, omusajja yatawaazaako okugulu kumu n'asituka. Saadi yagenda okwetegereza ng'omusajja yalina okugulu kumu kwokka.

Kino kyamukola bubi, kubanga ye yali alumwa kya kubeera na ngatto zirimu bituli naye ng'ono musajja wattu alina okugulu kumu! Osanga yalina ssente ezimala okugula engatto; naye ssente temala kugula buli kimu.

Saadi olwamala okusaala yawanika emikono waggulu ne yeebaza Katonda olw'amagulu ge abiri ge yamuwa.

Kati laba obusuffu bw'ebigambo bya Nnabbi bino wammanga:

"Era beera omuntu amatira, ojja kubeera omuntu asinga okwebaza". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Ibn Maajah).

وَكُنْ قَنِعًا تَكُنْ أَشْكَرَ النَّاسِ

(رواه ابن ماجه)

EMMOTOKA

Hikmet yali muyizi mulungi. Yali asomera ku ssomero lya siniya eryaliko awalako okuva ewaabwe. Buli lunaku yalinnyanga bbaasi okugenda ku ssomero n'okudda.

Hikmet yalina ebintu bingi bye yanyumirwanga mu bulamu bwe era ng'ekimu ku byo zaali mmotoka. Yayinzanga okubuulira banne be yagendanga nabo ku ssomero ebika bya mmotoka zonna ezaabayitangako n'abaazikola. Ekyamulumanga kwe kuba nga awaka tebaalinawo mmotoka. Naye kino teyakigambanga bakadde be kubanga yali akimanyi bulungi nti baali tebalina busobozi bugula mmotoka. Taata we yali mukozi wa gavumenti nga ssente z'akola zimala bumazi okuliisa amaka ge agaalimu abantu abana. Tekyali kya buvunaanyizibwa okudyeka kitaawe mmotoka nga musajja wattu yali akola kyonna ekisoboka okulaba ng'ayimirizaawo amaka.

Ye mukwano gwa Hikmet eyayitibwanga Ahmada yabeeranga kumpi ne ba Hikmet we baasulanga naye ye okugenda ku ssomero teyakozesanga bbaasi. Bulijjo akatemerero ako konna yakatambuzanga bigere okukatwala ku ssomero n'okukazza. Kino Hikmet kyali kyamulema okutegeera nga yeewuunya lwaki munne teyalinnyanga bbaasi.

Olunaku lumu, enkuba yali etonnya ate nga n'obudde bunnyogovu, nga Hikmet ne mikwano gye balindira bbaasi

we zisimba, Ahmada kwe kubayitako nga tafudde na ku nkuba eyali efukumuka. Hikmet kwe kumubuuza nti:

"Ahmada, baasi eri kumpi kujja lwaki otambuza ebigere?"

Ahmada yamuddamu ng'eno bw'atambula: "Weebale nnyo munnange; naye waliwo we nnyina okuyimirirako nga sinnagenda ku ssomero".

Ekintu kye kimu kyazuuka enfunda eziwerako mu nnaku ezaddirira. Kino kyaviirako Hikmet okwewuunya lwaki Ahmada yali talinnya baasi. Lumu yabuuzaako maama we eyali amanyi obulungi ebikwata ku maka ga ba Ahmada. Maama yategeeza mutabani we nti kitaawe wa Ahmada yali yafa emyaka mitono emabega era nga yaleka abaana mukaaga. Maama wa Ahmada yali akola gwa kulongoosa mayumba ga bantu asobole okweyimirizaawo n'okuyimirizaawo abaana be. Yamunnyonnyola nti Ahmada yali tasobola kulinya bbaasi kubanga abantu be baali tebagisobola.

Hikmet yawulira ennaku mu mutima era muli n'awulira okuswala. Ye yali yeegomba mmotoka naye nga waliwo enkumi n'enkumi z'abantu abaali bawangaalira mu kibuga kye kimu abataalina na ssente zimala kugulira bantu baabwe mmere era nga tebaalina nnyumba nnungi ezaali zisaanira okusulamu. Yeebaza Katonda olw'okumuwa buli kintu kye yalina.

Singa Hikmet yali yawulria ku hadiisi ya Nnabbi eno wammanga yandibadde tawulira bubi n'akamu olw'obutaba na mmotoka:

“Mutunuulire ababali wansi, temutunuulira abo ababali waggulu”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

انْظُرُوا إِلَى مَنْ أَسْفَلَ مِنْكُمْ وَلاَ تَنْظُرُوا
إِلَى مَنْ هُوَ فَوْقَكُمْ

(رواه مسلم)

MUKKA

Waliwo omusajja gwe baayitanga Hatem. Hatem yali musajja mugagga era nga mugabi atalabika. Yalina ebiraalo n'amagana g'ensolo biyitirivu era nga bino baabirundiranga mu muddo omugimu. Hatem yayagalanga nnyo ebyobugagga bye okubiwaako abantu abalala.

Yalina embalaasi enzirugavu obulungi ng'eyitibwa Mukka. Buli muntu eyalabanga ku mbalaasi eno ng'agyegomba olw'emisinde gye yaddukanga. Hatem embalasi ye yagitwalanga ng'emmunye y'eriiso lye era nga tewali kintu kye wali oyinza kumuwa n'akuwa embalaasi ye eyo.



Kyaddaaki okwatiikirira kwa Hatem, obugagga bwe n’embalaasi ye ennungi byatuuka ku Sultan (Kabaka). Sultan bino olwamugwa mu matu kwe kuyita omukungu we n’amugamba nti: “Njagala kugezesa bugabi bwa Hatem bwe mpulira. Mugambe ampe embalaasi ye Mukka. Njagala ndabe ky’agenda okukola”.

Enkeera basajja ba Sultan baatandika ku lugendo. Ekiro kimu batuuka ewa Hatem ng’enkuba etonnya nnyo, Hatem n’akkiriza okubakyaza.

Hatem yabaaniriza mu ssanyu eringi n’ebbugumu era n’alagira abakozi be bategekere abagenyi be ekijjulo makeke. Mu kaseera katono ddala emmeeza yali emaze okutegekebwa obulungi era ekyeggulo kyali kimaze okuleetebwa. Bonna baatuula ne balya ebyassava. Bwe baamala okulya ne babaalira ekiriri ekirungi mwe beebaka ne bafuluuta.

Enkeera abagenyi baayanja ensonga eyali ebaleese. Hatem yanakuwala nnyo era mu nnaku eyo yabulwa eky’okubagamba.

Oluvannyuma yabagamba bw’atyi: “Kitalo! Kale singa ebya Sultan bye yabatumye nga bye mwatuukiddeko! Nze nabadde nkimanyi bulungi nti mwagala nnyo ennyama y’embalaasi, ate ekiro embeera y’obudde ga bwe mwagirabye bwe yabadde embi ennyo nabadde sirina we nnyinza kujja kintu kya kubawa, kye nnavudde nsala embalaasi yange Mukka ne ngibagabula ne tugirya. Nabadde sirina kya kukola”.

Naye wadde Hatem yali mugabi, obugabi bwe bwali biwero bw’obugeraageranya n’obwa Nnabbi, eyagabira

omusajja omu ekirabo kya nngamiya kikumi omulundi ogumu.

Nnabbi waffe oweekitiibwa mu hadiisi emu yayogera ku kugaba ekifo kye kukwata n'agamba nti:

"Omugabi ali kumpi ne Katonda, ali kumpi n'e Jjana era ali kumpi n'abantu ate ali wala nnyo n'Omuliro". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

السَّخِيُّ قَرِيبٌ مِنَ اللّٰهِ قَرِيبٌ مِنَ الْجَنَّةِ

قَرِيبٌ مِنَ النَّاسِ بَعِيدٌ مِنَ النَّارِ

(رواه الترمذي)

AMATAFAALI AGAKAZIDDWA N'OMUSANA

Awo olwatuuka ne wabaawo omusajja omwavu eyayitibwanga "Murat Owaddala". Murat ono yali wa mutima mulungi era nga Musiraamu munnaddiini omulungi. Lumu bwe yali addaabiriza ekisenge ky'enju yaabwe, yalonda ekitole kya zaabu eyakulanga ettaffaali erikaziddwa n'omusana. Kaabula kata afe essanyu era nga tamanyi kya kukola.


Muli yatandika okulowooza bw'atyi: "Ku nkomerero ya byonna, obwavu mbuwonye. Kati nngenda kwezimbira ennyumba gaggadde, mu bisenge ntekeemu ebibajje ebisinga obulungi ate wansi wonna njaliirewo amayinja agaseerera. Ennimiro ejja kujjula ebimuli n'emiti gy'ebibala ebya buli ngeri, era ku miti egyo ebinyonyi ebisinga obulungi bijja kuyimbirangako obuyimba obusinga obuseeneekerevu.

Ekiro ekyo yafuna ebirooto ebinyuma.

Enkeera yaddamu okukubamu obufaananyi ng'alaba omuwendo gw'abaweereza be yali agenda okufuna, abakozi abakola mu nnimiro, abafumbi n'abakozesa bonna abaali bagenda okukola mu lubiri lwe.

Olunaku olwaddako yeeyongera okuloota ebintu ebirungi ebyereere. Emisana lwonna n'ekiro kyonna yabeeranga mu

kuloota; yatandika obutalya, n’obutanywa, era eby’okusaba Katonda oba okumwebaza obulamu n’obugagga bye yali amuwadde n’abiviirako ddala!



Lumu, Murat bwe yali atambula wabweru w’ekibuga nga bw’aloota ebirooto bye n’alengera omusajja eyali asala bulooka ezikaziddwa omusana nga ziri kumpi n’ebisenge bya limbo.

Omusajja yali asima ettaka nga bw’alitabulamu amazzi n’ebisubi n’asamba, era bwe yamalanga ng’ateeka mu katiba olwo n’akola bulooka.

Omusajja yategeeza Murat nti amabulooka agakolebwa mu kadongo k’entaana gaabeeranga magumu okusinga ago agakolebwa okuva mu ttaka eddala. Murat kino kyamukanga nnyo. Yawulira nga gwe bafuntudde ekkonde. Oluvannyuma yazuukuka okuva mu birooto bye yabeerangamu era, nga bwe yeeyongerayo gye yali alaga, yatandika okwenenya yekka nga bw’agamba nti:

“Kwatibwako ensonyi Murat Omusajja omunaku era ali mu birooto! Lumu ettaka lye balikuziisa bajja kulikolamu bulooka. Wabulwa ekkubo okuva lwe walonda zaabu oli. Weerabira okusaala n’okwebaza Katonda eyabikuwa. Naye

obulamu buli lunaku oluyita butwala ebintu bingi. Buli lunaku oluyita weeyongera kusemberera lumbe. Lekera awo okuloota n'okuwangaalira mu birooto! Kino kirabo okuva ewa Katonda; ssente zo zikozese bulungi, tozoonoona era toziyiwaayiwa mu ngeri etategeerekeka.

Mu kaseera ako kennyini okwaziina kwafubutuka mu minaala gy'emizikiti abantu bagende basaale sswala ya Zuhuri.

Murat bwe yawulira okwaziina yagenda ku muzikiti ng'awulira emirembe mu mutima; kati yali asobola okulaba ekituufu era ekirungi.

Singa Murat yamanyirawo hadiisi eno wammanga teyandibadde mu kiseera ky'okusoberwa ekyo kye yayitamu. Hadiisi egamba nti:

"Singa nnalina zaabu eyenkana olusozi Uhudi, tekyandinsanyusizza okumala ennaku essatu ennamba nga nkyalinawo n'akantu okuggyako ako ke mba nterekedde ebbanja ery'okusasula". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Bukhari).

لَوْ كَانَ لِي مِثْلُ أُحُدٍ ذَهَبًا مَا يَسُرُّنِي أَنْ لاَ يَمُرَّ عَلَيَّ

ثَلاَثٌ وَعِنْدِي مِنْهُ شَيْءٌ إِلاَّ شَيْءٌ أُرْصِدُهُ لِدَيْنٍ

(رواه البخاري)

OMUGENYI

Hamdi yali azannyira mu nnimiro kwe kulengera mu luguudo omusajja omukadde eyalina ekirevu ekittuludde nga kijjudde bulungi envi. Omusajja yali atambula mpolampola. Yayimirira ku ggeeti y'ennyumba ya Bahamdi asobole okussa ku kikkoowe. Ennyumba yali nnungi nnyo era nga kumpi lubiri lulamba.

Namukadde bwe yalaba Hamdi kwe kumusaba bw'atyi:

"Mutabani! Kikuyisa bubi singa ekiro nkisuze mu nnyumba eno ey'abagenyi?"

Hamdi yamuddamu nga bw'aseka, "Eno si nnyumba ya bagenyi".

Ko omukadde nti: "Olwo nnyumba ya ba ki?"

Hamdi yamuddamu nti: "Gano ge maka gaffe".

Omukadde kwe kugamba nti: "Kye kyo ddala?! Bwe kibeera bwe kityo ekyo kirungi. Nayeee …. ani yazimba olubiri luno?"

Hamdi: "Jajja wange!"

Omukadde: "Ate ani eyalusikira nga jajja wo afudde?"

Hamdi: "Taata wange!"

Omukadde: "Ate ani gw'osuubira okulusikira nga taata wo afudde?"

Hamdi: “Osanga nze”.

Nnamukadde yamwenya n’atunuulira Hamdi mu kyenyi okumala akaseera. Oluvannyuma n’agamba nti:

“Okuva bannyini nju eno bwe bagenda nga bakyuka ekitegeeza nti mwena muli bagenyi mu nju eno. Ssi kye kyo?” Oluvannyuma yasituka ne yeeyongerayo gye yali alaga.

Okusoma bwe kwaddamu omwaka ogwo Hamdi yanyumya emboozi eno mu ssomo lyabwe ery’eddiini. Abayizi abamu baalowooza nti omusajja omukadde bye yali ayogera tebyalimu magezi, naye omusomesa yabajjukiza hadiisi ya Nnabbi eno egamba nti:

“Nze mu nsi muno nninga omutambuze atambulira ku nsolo, n’asalawo awummulireko wansi w’ekittuluze ky’omuti, oluvannyuma ne yeeyongerayo n’akirekawo”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

مَا أَنَا فِي الدُّنْيَا إِلاَّ كَرَاكِبٍ اسْتَظَلَّ

تَحْتَ شَجَرَةٍ ثُمَّ رَاحَ وَتَرَكَهَا

(رواه الترمذي)

OMWETISSI W'ENKU

Mu biseera bya Nnabbi Musa (Emirembe gibeere ku ye) waaliwo omusajja omunaku ng'omulimu gwe gwali gwa kutunda nku. Yatyabanga enku mu nsozi, n'azeetikka ku mugongo n'azitwala mu katale n'azitunda. Omwo mwe yaggyanga obusimbi obwamuyimirizangawo. Newankubade omulimu guno gwali mukakali omusajja ono yasigala agukola era teyaggwangamu maanyi.

Omu ku baliraanwa be yali akola omulimu gwe gumu naye ye yali akozesa ndogoyi nga y'emwetikkira enku



okuzitwala mu katale. Kino kyakwasanga nnyo omusajja oli omwetissi w'enku ensaalwa.

Lumu omwetissi w'enku omwavu yagenda ewa Nnabbi Musa okumuyitira mu bizibu bye. Yamugamba bw'atyi:

"Buli kaseera nfuna ebinuubule mu mugongo nga biva mu kwetikka enku. Kino kimmazeeko emirembe. Nkusaba bw'ogenda ewa Katonda omunnyinyonnyolere embeera gye ndimu era omunsabire ampe endogoyi entwalirenga enku zange mu katale".

Nnabbi Musa bwe yayogera ne Katonda Oweekitiibwa, yamugamba eby'omusajja bye yali amutumye. Allah kwe kumuddamu nti:

"Omuddu wange ekizibu kye nsaalwa. Tajja kufuna mirembe okutuusa ng'alwanyisizza ekirwadde ekyo n'akyeggyamu. Ennaku zino endogoyi ya muliraanwa we ndwadde. Mugambe asabire endogoyi ya muliraanwa we. Ekyo bw'anaakikola endogoyi n'ewona, naye nja kumuwa endogoyi eyiye ku bubwe".

Nnabbi Musa bwe yaddiza omusajja omwavu amawulire, omusajja ate ensaalwa yeeyongera bweyongezi kwe kugamba Musa bw'atyi:

"Kikafuuwe nze okusaba Katonda awonye endogoyi ya muliraanwa. Nze mpulira ndi na musanyufu era nga bye nnyina bimmala ssetaaga ndogoyi kuva wa Katonda. Nsabirira Katonda aleme kuwonya ndogoyi ya muliraanwa – ekyo bw'anaakikola kijja kummala".

Ensaalwa terina kalungi na kamu okuggyako bulwadde. Era omuntu bw'akwatibwa obulwadde buno talifuna ssa-

nyu. Ensonga lwaki omwetissi w'enku yali talina mirembe si kuba ng'enku ze yeetikkanga ze zaali zimumenya wabula ensaalwa gye yali alina ye yali emukola obubi.

Wulira Nnabbi waffe omwagalwa bw'anyonnyola embeera eno mu hadiisi eno wammanga nti:

"Mwewale ensaalwa, kubanga ensaalwa erya ebirungi by'omuntu ng'omuliro bwe gulya oluku". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Abu Dauda).

إِيَّاكُمْ وَالْحَسَدَ فَإِنَّ الْحَسَدَ يَأْكُلُ
الْحَسَنَاتِ كَمَا تَأْكُلُ النَّارُ الْحَطَبَ

(رواه أبو داوود)

FAYIRO EVULUBANYE OMUSAAYI

Olunaku lumu Adamu yali ayagala kubaako ne byagula. Yazuukuka ku maliiri n'agenda mu katale. Yatandika okugula ebintu kimu ku kimu nga bw'abiteeka mu kasawo ke akatono ke yali aguliramu ebintu. Mu bye yagula mwalimu ekibumba kye yagula ew'omukinjaaje ate ne fayiro gye yagula we baali batunda ebintu ebikozesebwa mu kuzimba. Ky'ataamanya nti fayiro yali efumise akasawo mwe yali atadde ekibumba.

Adamu bwe yakomawo awaka ng'ava okugula ebintu yaggyamu fayiro eyali ebunye omusaayi n'agireka ku luggi asobole okuginaazako omusaayi eddako. Nga wayise obudakiika butono, Adamu yalaba kkapa ng'esikiriziddwa olusu lw'ekibumba ng'etandise n'okukomba fayiro n'olulimi lwayo.

Ekyali kyewuunyisa kwe kulaba ng'omusaayi ogwali ku fayiro nga mu kifo ky'okukendeera ate nga gweyongera bweyongezi.

Adamu yasaasira nnyo kkapa era kwe kugigoba ereme kwetuusaako bulabe.

Kyokka kkapa bwe yeeyongerayo yatunuulira bubi Adamu kubanga enjala yali egiruma ng'era yeetaaga mmere. Yali tesobola kutegeera lwaki Adamu yali agigobaganya ng'ate yali yeefunidde akamere.

Kkapa ky'etaategeera bambi kwe kuba ng'omusaayi gwe yali ekomba nga gwali musaayi gwayo. Fayiro eyalina obwogi obungi yali egisaze olulimi. Adam bwe yanyumizaako taata we ekyali kiguddewo, yaseka nnyo n'agamba nti:

"Abantu abamu balinga kkapa yo eyo. Tebamanya nti ebintu ebikyamu bye bakola olunaku lumu biribeefuulira. Era banyiiga nnyo singa bannaabwe bagezaako okubagaana okwetuusaako obulabe, nga kkapa eno bw'ekoze".



Adamu kwe kutolotooma nti: “Oba ky’ekyo kirungi ne tubaleka ne bakola ebikyamu ne basobola okufuna essomo”.

Taata wa Adamu yamuwulira kwe kuddamu nti:

“Bwe tubaleka okukola ebikyamu awo ffe tuba tulemeddwa okutuukiriza kye tulina okukola. Buvunaanyizibwa bwaffe okulaba nga tugezaako okuziyiza abantu okukola ebikyamu. Bwe tukola ekyo tuba tetutaakirizza bantu ababikola bokka naye tuba tutaasizza n’abantu bonna okutwalira awamu”.

Awo n’amusomera hadiisi eno nti:

“Omuntu bw’alaba ekintu ekikyamu, akikyuse n’omukono gwe. Ekyo bw’aba takisobodde akikyuse n’olulimi lwe (ng’ayita mu kukyogerako). Ekyo bw’aba takisobodde akikyayire muli mu mutima gwe (akitamwe)”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Muslim).

مَنْ رَأَى مِنْكُمْ مُنْكَرًا فَلْيُغَيِّرْهُ بِيَدِهِ فَإِنْ لَمْ يَسْتَطِعْ

فَبِلِسَانِهِ فَإِنْ لَمْ يَسْتَطِعْ فَبِقَلْبِهِ

(رواه مسلم)

EMBWA

Kyali kiseera kya makungula, nga Memis ne mukyala we balina bye bakungula mu nnimiro yaabwe. Omwana waabwe omuwere yali yeebasse wansi w'omuti ng'embwa yaabwe Karabasi emukuuma.

Nga wayiseewo akassera, Memis ne mukyala we beewaamu akaseera bawummulemu. Bwe baagenda okulaba we baalesse omwana, baasangawo entiisa gye baali batasuubira. Omwana waabwe yali yeebasse yeewunzise mu kibaya nga teyeenyeenya, ate Karabasi ng'ali wabbaliko ng'ali mu kitaba ky'omusaayi.

Memis yakyukako. Yalowoolezaawo nti Karabasi yali asse omwana waabwe. Olw'obusungu yalumba Karabasi n'oluso n'amutema era Karabasi n'afiirawo.


Memis yeeyongera okutabulwa mukyala we bwe yakamutema nti omwana waabwe yali bulungi nga yali yeebasse bwebassi. Baali tebamanyi kya kulowooza okutuusa lwe baalaba essota eryakula ne liwola nga ligudde wali lifudde fuuti ntono okuva ne we baali. Baamanya nti omusaayi Karabasi gwe yalina gwali guvudde mu kiwundu kye yali afunye ng'agezaako okulwanirira omwana waabwe era nti okufuna ekiwundu yali yeewaddeyo afiirire omwana. Bawulira okunyolwa okwamaanyi n'okwejjusa olw'ensobi ennene gye baali bakoze.

Singa Memis yakola nga Nnabbi bwe yatulagira mu hadiisi eno wammanga bandibadde balina essanyu erisingako awo. Nnabbi yagamba nti:

“Okukwata empola kuva wa Katonda, ate okupapa (okwanguyiriza) kuva wa Sitaane”. (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Tirmidhi).

الْأَنَاةُ مِنَ اللهِ وَالْعَجَلَةُ مِنَ الشَّيْطَانِ

(رواه الترمذي)



ENTE EYAAKYENVU

Aisha yasimba ebijanjaalo mu nnimiro ye ne bikulira mu kiseera ekimpi ddala olw'embeera y'obudde eyali ennungi.

Olunaku lumu ente eyali ekaabira ennyo mu nimiro ya Aisha yamuzuukusa kwe kudduka agende alabe ekyali kigenda mu maaso. Ente ya muliraanwa we eyakyenvu yali yakutudde ng'esaatuukira mu nnimiro ye ng'ebijanjaalo byonna ebirinnyerinnye.

Aisha kino kyamuyisa bubi nnyo ng'alaba amaanyi ge gonna ge yali yassa mu kusiga ebijanjaalo nga gaafa bwereere. Ente eyakyenvu eyali ekyalina omuguwa mu bulago yali ekyagenda mu maaso n'okukaabira wabweru w'ekiraalo kyayo. Aisha eyali yeeyongera obusungu buli katikitiki akaali kayitawo, yalumba ente n'eriggo aligikube. Naye mu kiseera ekyo kyennyini muka muliraanwa we we yatuukira. Muka muliraanwa yatandika okwogera n'eddoboozi erijjudde okunyolwa nti:

"Bambi ennyana y'ente eyo yafudde eggulo. Olwaleero ku makya lwokka ebadde yaakakutula omuguwa emirundi esatu miramba. Egenda etabaala wonna ng'enoonya mwana gwayo".

Aisha olwawulira ekyo omuggo gwe yali akutte ne gumuva mu ngalo ne gugwa. Yatandika okukubaakuba ku nte eyalina ennaku nga bw'atunula mu maaso gaayo agajjudde ennaku, kwe kugamba nti: "Kye kyo …. Bambi enoonya mwana gwayo!"

Olwo eby'ebijanjaalo n'abyerabirira ddala.

Aisha ekintu kye yakola kyattendo. Yakolera ddala nga Nnabbi waffe bwe yalagira mu hadiisi eno wammanga nti:

"Mwewale nnyo obusungu bwa Katonda mu kuyisa obubi ebisolo bino ebitayogera". (Hadiisi eno eri mu kitabo kya Abu Dawuda).

اتَّقُوا اللهَ فِي هَذِهِ الْبَهَائِمِ الْمُعْجَمَةِ

(رواه أبو داوود)



ENSIBUKO ZA HADIISI EZIKOZESEDDWA

Ebinyonyi: Nasaa-i *Kitaabu al-Imaamah*, Hadiisi namba 48.

Eriggwa: Tirmidhi, *Kitaabu al –Birr*, Hadiisi namba 16.

Ekkooti: Bukhari, *Kitaabu al-Swawm*, Hadiisi namba 56.

Endabirwamu: Abu Dauda, *Kitaab al Adab*, Hadiisi namba 49.

Kalittima: Bukhari, *Kitaab al-Madhwalim*, Hadiisi namba 3.

Omuzimu: Muslim, *Kitaab al Adhkar*, Hadiisi namba 38.

Muliraanwa mu Jjana: Muslim, *Kitaab al-Adhkar*, Hadiisi namba 38.

Eddagala ly'amannyo: Muslim, *Kitaab al-Imaan* Hadiisi namba 164.

Ensawo omuterekebwa ssente: Tirmidhi, *Kitaab al-Birr*, Hadiisi namba 35.

Obutwa: Tirmidhi, *Kitaab al-Birr*, Hadiisi namba 27.

Omusipi: Tirmidhi, *Kitaab al-Birr*, Hadiisi namba 58.

Obusungu: Bukhari, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 76.

Empaka z'okudduka: Muslim, *Kitaab al-Jannah*, Hadiisi namba 64.

Zaabu: Muslim, *Kitaab al-Imaan*, Hadiisi namba 147.

Omubbi: Bukhari, *Kitaab al-Huduud*, Hadiisi namba 7.

Ekitole ky'emmere: Ibn Abi Shayibah, *Al-Musannaf (Huut) ekitabo 6*, Hadiisi namba 164.

Ssente: Muslim, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 5.

Kayungirizi: Tirmidhi, *Kitaab al-Ilm*, Hadiisi namba 14.

Jangu onkwekule (Teppo): Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 37.

Mutabanguzi: Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 58.

Omuti ogw'ebibala: Tirmidhi, *Kitaab al-Zuhd*, Hadiisi namba 27.

Omwana omuzira: Muslim, *Kitaab al-Itqi*, Hadiisi namba 25.

Akaliga akato: Ahamada bin Hanbali, *Musnad, ekitabo II*, Hadiisi namba 20, 164, 206.

Omwana ow'ekitone: Ibn Maajah, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 1.

Sowaane eya pulasitiika: Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 3.

Ekkalaamu eyabwino: Bukhari, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 69.

Kalimbira: Muslim, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 103.

Omuti gw'ebinyeebwa ebizungu: Ahmad bin Hanbali, *Musnad, ekitabo 1*, Hadiisi namba 5.

Eddoboozi: Bukhari, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 31.

Omugaati: Muslim, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 69.

Omukodo: Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 40.

Engatto: Ibn Maajah, *Kitaab al-Zuhud*, Hadiisi namba 24.

Emmotoka: Muslim, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 8.

Mukka: Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 40.

Amatafaali agakaziddwa omusana: Bukhari, *Kitaab al-Istikhrad hwi*, Hadiisi namba 3.


Omugenyi: Tirmidhi, *Kitaab al-Zuhd*, Hadiisi namba 44.

Omwetissi w'enku: Abu Dauda, *Kitaab al-Adab*, Hadiisi namba 44.

Fayiro evulubanye omusaayi: Muslim, *Kitaab al-Imaan*, Hadiisi namba 49.

Embwa: Tirmidhi, *Kitaab al-Birri*, Hadiisi namba 66.

Ente eyaakyenvu: Abu Dauda, *Kitaab al-Jihaad*, Hadiisi namba 44.



e-Erkam

FREE ISLAMIC E-BOOKS

You can download over 200 Islamic books in over 23 languages on your computer, iphone, ipad etc. FOR FREE.

English – French – German – Spanish – Italian – Russian – Arabic – Portuguese – Chinese – Hungarian – Ukrainian
Tajik – Albanian – Tatar – Bulgarian – Uzbek – Azeri – Kazakh – Georgian – Bashkir – Uyghur – Kirgiz – Ahiska

Islamic books in various languages are now waiting for you in ten different formats at the popular reading site smashwords.com. You may read the books by downloading them on your PC, iPhone, iPad, Kindle and devices alike FOR FREE.

Our books are available online for free at Amazon, Borders, Sony, B&N, Apple Store, Diesel and Stanza, in all the iBook, Kindle, Nook, Sony and Diesel formats.

You may printout the copies downloaded in word or pdf formats, reproduce them or send to your loved ones via email.

Our special offer of free downloads is limited to 1 year.

E-books

To obtain a free copy of any one of our Islamic books that are available in 10 different formats, you only need to visit **www.smashwords.com** and type 'Erkam' in the search box.

iPad Book Applications

To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.

iPhone Book Applications

To obtain a free copy of any one of our books, you only need to type 'Erkam' in the search box of iTunes on your computer or of App Store on your iPad.





ERKAM PUBLISHING